# *Eddiini Ya Yezeberi*

Leka tusigale nga tukyayimiridde okumala akaseera, nga bwe twebaza Katonda olwa kino. Leka tukoteke emitwe gyaffe.

Kitaffe Katonda ow'ekisa era Omutukuvu, tuli basanyufu nnyo okuba nti Oli—Katonda, era omubeezi atabulawo mu kiseera eky'okulaba ennaku. Tukwebaza olw'ebyo by'Otukoledde. Tetuyinza na kunnyonnyola, okuva mu mitima gyaffe, engeri gye tusiimye olwa kino, n'engeri gy'Ojja okutuyamba bwe tubeera mu buzibu. Tuyize, okuyita mu myaka, okukwesiga n'okukukkiriza.

Era nkusaba, olw'eggulo lwa leero, ayi Mukama, ofuke emikisa Gyo ku bantu bano. Nsaba waleme kubaawo muntu yenna munafu mu makkati gaffe nga olukuŋŋaana luno luwedde. Bwe wabaawo omuntu yenna ali wano atateredde na Katonda, nsaba nti Amaanyi agaazuukiza Yesu okuva mu ntaana, gazuukize emibiri gyabwe egifa, ayi Mukama, n'emmeeme zaabwe, bakyuke badde gy'Oli. Kituwe, ayi Mukama. Abo abatalina Mwoyo Mutukuvu, luno leka lubeere olunaku olumu olukulu lwe batalyerabira, leka lubeere olunaku Katonda lw'anaabafukako Omwoyo We. Kikkirize, ayi Mukama. Tusonyiwe ebibi byaffe.

Tukusaba owe omukisa Ow'oluganda Sullivan, mukwano gwaffe omulungi era ow'omuwendo, n'ebirowoozo by'alina eri abantu, nga agezaako okuleeta buli kimu ky'asobola, okubayamba. Nkusaba Owe omukisa Ow'oluganda Sullivan.

Wa omukisa abaweereza abali mu ggwanga wonna, buli wamu. Bawe ebisukkiridde era eby'omuyiika, ayi Mukama. Leka bayimirire n'obumalirivu mu kituuti balangirire Ekigambo kya Katonda, kubanga tuli mu biseera ebisembayo eby'ebyafaayo by'ensi eno. Leka obulungi Bwo butubikkeko mu biseera bino. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Muyinza okutuula.

Bantu mmwe mbeebaza nnyo, nga bwe nneebaza Katonda, olwa kino. Ow'oluganda Sullivan obuvunaanyizibwa buno yabwettisse. Mukiraba, ekyo tekyandibadde kituufu Ow'oluganda Sullivan okukikola, kale twabadde tweteeseteese okukikola. Tukwebaza olw'ekisa kyo.

2 Naye, kati, olw'e—olw'ekiweebwaayo eky'okwagala, te... ekyo mubadde temwetaaga kukikola. Nedda, ekyo kibadde tekyetaagisa. Olaba, kubanga... baasasulidde ebisale by'ebintu eby'enjawulo, wooteeri mwe tubadde n'emmere gye tulidde, bye twakozesezza, ebyo bye byabadde byetaagisa. Naye mwebale

nnyo, kirungi nnyo, era zijja kuyambako mu kubuulira enjiri n'okuleeta abantu eri Katonda. Tezijja kukozesebwa kugula sigala, wadde omwenge, oba okukozesebwa mu kintu kyonna ekikyamu, zijja kukola kintu ekituufu. Era nsaba Katonda aziteeke ku akawunta zammwe waggulu eri, era azikubiseemu emirundi mutwalo, buli ddoola, oba—oba ennusu, oba ssente ttaano ze mwawaddeyo ku lw'olukuŋŋaana luno.

3 Era, kati, njagala okwebaza Eggye ly'Eggwanga ly'Amerika olw'okutukkiriza okutuula mu kizimbe kino, okubeera n'enkuŋŋaana zino. Mazima ddala mbeebaza n'omutima gwange gwonna.

4 Era okusinziira ku kye mmanyi, Ow'oluganda Sullivan yagambye nti buli kimu kya kusasulibwa mu bujjuvu. Tetuvanga mu kibuga kyonna, nga tubanjibwa wadde ennusu, buli kimu kisasulibwa mu bujjuvu; tetukkiririza mu kirala kyonna kyawukana ku ekyo. Toteekwa kubeera na bbanja lya muntu yenna, oteekwa okuba nga toliiko bikwemulugunyizibwako. Era bw'oba n'ebbanja ly'omuntu yenna, genda omusisinkane omutegeeze nti olina ebbanja lye, wabula omusabe akuweeyo akaseera katono, olisasule. Mukiraba? Bulijjo, ekyo kye kisinga. . . Ako kabonero akalungi ddala akooleka Obukristaayo: okubeera omwesimbu, era omulambulukufu.

5 Nga oyagala okutambulira mu ekyo ky'oyogerako. Bw'oba nga ggwe tosobola kutambulira mu bulamu bw'ekyo ky'oyogerako, osuubira otya omuntu omulala okukitambuliramu, mukiraba. N'olwekyo muli bbaluwa empandiike, ezisomebwa abantu bonna, kale bulijjo mubeere beesimbu, benkanya, era ba mazima. Yogera amazima, ka gabeere nga ganaakuleetera obulumi. Ggwe yogera amazima, mu buli ngeri, kubanga osobola okuddamu n'ogoogera mu ngeri y'emu buli mulundi. Naye bw'oyogera obulimba, kijja kukwetaagisa okwetooloola mayiro akakadde kalamba, ate era ojja kuwunzika nga okomyewo ku bulimba bwe bumu; nga ne ky'okoze kikyamu. Ggwe beera bubeezi mwesimbu, era buli mulundi ojja kusobola okugaddamu mu ngeri y'emu kubanga ge mazima.

6 Bwe kityo bwe kiri ne ku Bayibuli. Ggwe kyogere nga Bayibuli bw'ekyogera, tokyekkiriranyaako, kyogere bwogezi bwe kityo, nga bwe kiri. . . nga bwe kiwandiikiddwa munda wano nga—nga osobola n'okukisongako. Ki—ki. . . bw'otyo bw'owangula Ssetaani. Ssetaani yagamba Yesu nti, "Bw'oba Ggwe Mwana wa Katonda, leka tukulabe ng'Okola ekyamagero. Bagamba mbu Oli 'mukozi wa byamagero.' Kyusa amayinja gano gafuuke emmere, tulabe. Enjala ekuluma."

7 Yesu n'amugamba nti, "Naye kyawandiikibwa nti, Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka." Mukiraba? Yakozesa

Ekigambo kya Kitaawe n'awangula ssetaani, mu matwale ge mwennyini. N'olwekyo osobola okukola ekintu kye kimu, n'owangulira ssetaani mu matwale ge mwennyini, n'Ekigambo kya Mukama.

8 Kati, bulijjo nja kwebazanga Ow'oluganda Sullivan. Kino . . . Munsonyiwe olw'enjogera eno: Ndowooza oluvannyuma lw'okukola Ow'oluganda Sullivan akatiba Yakasuula. Tewali muntu mulala amufaanana. Waliwo omuntu omu yekka gwe nnali nsisinkanye mu bulamu bwange eyanzijukiza Ow'oluganda Sullivan, yali E. Howard Cadle. Ssimanyi oba yali amumanyi oba nedda, okuva mu—okuva . . . Ow'oluganda Cadle yali muvubuka omulungi omuntumulamu nga Ow'oluganda Sullivan. Era yateekanga emikono gye mu nsawo y'empale ye ne gikkiririra ddala okutuusa sasipenda z'empale ye lwe zeesikanga ne zikka wansi, nga ayogera omutwe gwe agukyusirizza erudda, era yali E. Howard Cadle omu yekka. Kale n'olwekyo ndi—ndi musanyufu okubeera n'Ow'oluganda Sullivan nga mukwano gwange era ow'oluganda mu Njiri. Era nsaba Katonda amuwe omukisa wamu n'ekkanisa ye entonotono engulu eno, ne mukyala we omwagalwa, n'abaagalwa be.

9 Kati eri mmwe, abaweereza abalala abali wano, eri mmwe n'eri ekibiina ky'abakkiriza bammwe, ababuulizi b'Enjiri Enzijuvu, tuyinza okuba n'obuntu obutonotono mu Byawandiikibwa bwe tutakkirizaganyaako. Nnina ebintu ebimu bye sikkiriziganya na mukyala wange. Naye ebintu ebyo mubimanyi? Ayagala nnyo paayi erimu apo ate nze njagala erimu nsaali, kale tetukkiriziganya. Kati ka mbabuulire eyange bwe ngikola: njagala paayi y'ensaali eyokya obulungi (Ne bw'ogimpa kati ngirya) ne ngiyiwako omuzigo ku ngulu, ate ku muzigo ne ngiwako akaloddo; awo, ow'oluganda, obeera ofunye eky'okulya kyennyini! Ebyo mukyala wange abitya. Ndowooza atya sukaali abirimu. Ob'olyawo yandibyagadde, naye eby'abakazi mubimanyi, batya . . . Bagenda ne basala omubiri nga osobola n'okumufumita empiso n'eyita mu lususu n'etuuka ku ggumba, kyokka nga akyayagala—nga akyayagala kwongera kukendeeza ku mubiri gwe. Ndowooza, bwe batyo bwe bali, kale waliwo . . . Kati, naye nze eyo gye njagala. Kati, ku ekyo nze naye tetukkiriziganya, ebirala byonna tuli bulungi. Naye, mukiraba, si nti tukkiriziganya mu buli kimu kyonna. Kati twandibadde tulaba ekintu kye kimu, ab'oluganda, naye ekikulu, kasita fenna tulya paayi, ekyo kye kikulu.

10 Bwe kituuka ku nnono enkulu, nga okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'okujja kwa Kristo, n'enjigiriza za Bayibuli enkulu, ez'empagi ezisookerwako ez'enjiri, ku ezo fenna tukkiriziganya bulungi. Era nga ab'oluganda abali obumu, awatali muziziko gwa kibiina kya ddiini gwonna, awatali kintu kyonna kitukugira, tukumba okwolekera e Kalivaaliyo nga eggye limu ery'amaanyi, ffenna wamu.

11 Bwe wabaawo engeri yonna gye nsobola okubayambamu, nja kusanyuka okukikola. Era nkakasa nammwe mujja kwogera ekintu kye kimu gyendi. Era musobola okunnyamba. Era ekyo kye kintu kimu kye musobola okukola, kye mmanyi, kwe kunsabira, Katonda taŋŋanyanga okuwaba. Si—si—si . . . Mu mutima ssaagala kuwaba, nja—njagala kutambulira mu bugolokofu, njagala kukola ekyo ekituufu. Kubanga nkimanyi bulungi, nga Ow'oluganda Jack Moore olumu bwe yaŋŋamba, nti, "Ow'oluganda Branham, ssandyagadde kuyimirira mu bigere byo olw'ebintu byonna by'oyiseemu ne by'olabye, ku Lunaku lw'Omusango, kubanga Katonda alikubuuza bingi," n'agamba nti, "kubanga waliwo obukadde n'obukadde bw'abantu bw'Atadde mu mikono gyo."

12 Kaakati, bwe nkimanya nti ndiyimirira nnyanukulire abantu abenkanidde awo, olwo Njiri kika ki gye nnina okubuulira? Bwesimbu bwenkana wa bwe nnina okuba nabwo, okuba nti nnina abantu be yagula n'Omusaayi Gwe mu mikono gyange? Nga Yampa n'ekirabo oku . . . awatali kubuusabuusa kwonna, omuntu yenna ategeera obulungi ky'amanyi nti kirina kuba nga kyava eri Katonda. Nga ekirabo ekyo, singa nkikozesa ne mbaako omuntu yenna gwe mpabya ne mmutwala mu kkubo ekkyamu olw'okuba waliwo ekibinja gundi ekirina kye kyayogedde, Katonda alikinvunaana ku Lunaku lw'Omusango.

13 Naye bwe nnalaba okwolesebwa, jjuuzi wano gye buvuddeko, ne mpulira abantu bali nga boogerera waggulu . . . Akatabo ko wakafunye akawungeezi k'eggulo? Magaziini y'e—*Eddoboozi* ly'Abasajja Abasuubuzi. Ekyo kirungi. Era mu kwolesebwa . . . Lumu tulibikuba mu kyapa mu bujjuvu bwabyo nga bwe byali; ebyo tebyaggwaayo. Naye mu kwolesebwa okwo, nga bwe nnakulaba, nga nnyimiridde awo bwentyo nga—nga bwe nnyimiridde wano mu kaseera kano kennyini. Era nnali nneeraba nga ngalamidde awo ku kitanda, nga ndaba mukyala wange, naye ate nga nnyimiridde wano nneeraba. Nga abantu abo baali awo bayimiridde banneetoolodde bwe bati bwe nnabuuza nti, "Ne Pawulo aliramulwa okusinziira ku Njiri gye yabuulira?"

14 N'agamba nti, "Weewaawo."

15 Ne ŋŋamba nti, "Eyo yennyini gye mbuulidde buli Kigambo mu ngeri y'emu yennyini nga bwe yagibuulira."

16 Obukadde n'obukadde bw'abantu ne boogerera waggulu ne bagamba nti, "Ku Ekyo kwe tuwummulidde!"

17 Bwentyo bwe njagala kibeere bwe ndiba nsomose okugendayo, mukiraba. Njagala kibeere bwe kityo, bwe kityo ddala, njagala njogere ebyo byennyini Pawulo bye yayogera. Ssaagala kugyongerako kintu kyonna, yadde okugitoolako ekintu kyonna. Wabula nga Bayibuli bw'ekyogera, bwentyo bwe njagala nkireke, mukiraba. Era eky'amazima kiri nti,

bw'okikuuma mu ngeri eyo nga bwe kiri, ebibiina by'amadiini bijja kukizimbira emiziziko ku buli ludda.

18 Era mu ekyo, emirundi mingi, ab'oluganda mwe bava okulowooza nti nnwanyisa baganda bange. Ekyo Katonda akimanyi nti bwe kityo si bwe kiri, kasita Ye amazima agamanyi. Mukiraba? Sirwanyisa baaluganda, enkola y'etuviirako obutaba baaluganda. Ekigambo kya Katonda si kye kituleetera obutabeera baaluganda, enkola ez'enjawulo ze twegattako ze zitulemesa okubeera nga tuli baaluganda. Bwe kiri. Kati, tuteekwa kuyimirira wa? Tulina kuyimirira ku Kigambo, ye Katonda ajja kuleeta abantu bonna eri Ekigambo (bwe kiri) eri—eri ekyo. Temugezangako okukikolamu ekibiina eky'obuntu, okukifuula ekibiina ky'eddiini, mmwe mwekuumire mu Katonda, musigale nga mugenda mu maaso; nga bwe mwetegekera enkomerero, munywere, ebisigadde Katonda ajja kubituukiriza.

19 Waliwo ebintu bingi nnyo bye munkoledde, ekyo nkisiima. Kati bwe mba nsobola okubayamba, nga mbawa akagoye akasabiddwa oba ekintu ekirala kyonna. Kati, temumbuuza bikwata ku njigiriza, kubanga ekyo sa—ssaagala kukikola. Waliwo abantu bangi nnyo abampandiikira nga bambuuza ku bikwata ku kufumbiriganwa n'okwawukana n'ebirala, ate nga ensonga eyo erimu kigoyeweezinge mu kkanisa. Bulijjo mbajuliza, ne mbagamba nti, "Buuza omusumba wo."

20 Abantu bampandiikira wano amabaluwa ne bambuuza nti, "Ate *kino* kiri kitya? Ate *kiri* kiri kitya?" Ebbaluwa eyo ngyanukula, ojja kugifuna. Laba omusumba wo ku bintu ebitonotono kubanga, era, y'akusumba. Ye—ye—y'oyo Katonda gwe yasindika okukulabirira. Kubanga tuyinza obutakkiriziganya ku nsonga eyo, ate ekyo ne kireetawo akavuyo mu kkanisa yo. Ekyo tetukyagala. Nedda! Nedda! Kye twagala kiri kimu ggwe kulekera awo kukola bintu ebibi, ebintu ebitali mu Bayibuli, osigale nga ogenda mu maaso eri Katonda. Mukiraba? Kale bw'oleetawo obukuubagano n'ebintu ebirala nga ebyo, ekyo kitaataaganya ekkanisa. Kale, nnandyagadde omusumba wo y'aba akubuulira ebikwata ku kufumbiriganwa n'okwawukana, n'ebintu *bino* wamu n'ebintu *ebyo*, leka y'aba akikola. Naye muweereza wa Katonda, era ekyo alina obusobozi obw'okukikola.

21 Mujjukira Omusamaliya omulungi eyasisinkana omusajja eyali atuusiddwaako ebisago? Yamuleeta mu kisulo ky'abagenyi (eyo ye kkanisa) n'awa omusajja eddinaali bbiri, n'amugamba nti bw'aneetaaga ezisinga ku ezo alizimuwa nga akomyewo. N'olwekyo, omusumba wo alina eddinaali bbiri, asobola okukujjanjaba bw'aba nga musajja wa Katonda. Bw'aba musajja wa Katonda ayimirira ku Kigambo kya Katonda, a—alina ebyo Katonda bye yamuwa: Omwoyo awamu n'Ekigambo.

Si bwe kiri? Tulina kusinza tutya? Mu Mwoyo *ne* mu Mazima. Era Ekigambo ge Mazima. Si bwe kiri?

22 Kaakati, nate, mwebale nnyo nnyini. Era kati, ndi mukoowu nnyo, era ndi mukoowu nnyo olw'eggulo lwa leero, ssandyagadde kuddamu kusula mu wooteeri ndala yonna ekiseera kyonna kye nnaamala nga ndi mulamu. Baabadde n'akabaga k'abatamiivu, ekiro kyonna, nga bwe bakuba enzigi n'okuleekaana, nga abakazi . . . Ha! Nnasuze ntunula, ekiro kyonna. Kye kyokka kye nnasobodde. Kale n'olwekyo ssa—ssaagala kuddamu kubeera mu wooteeri ndala. Waakiri nnaagendanga mu kisulo. Nja kwefunirayo emmotoka enzimbe nsulenga omwo, awantu awamu wabweru. Ŋŋenda kugifuna, nfune ne weema n'ekisawo ekisulwamu, oba mbeeko we nfuna we nsobola okubeera nzekka, awantu awamu. Bwe kiri.

23 Tekyewuunyisa, okuba nti eggwanga lino, lijjuddemu ekibi ekyenkanidde awo! Lifaafaaganye, era livunze okuviira ddala ku kikolo. Waliwo n'ekifo ekirala wano wennyini, mu ssaza lyammwe . . . Si mu ssaza lino lyokka, wabula buli wamu wonna. Wano wennyini, emyaka mitono egiyise, nnina o—olukuŋŋaana lw'eddiini lwe nnalimu wano eno mu ssaza lino, mu kibuga ekinene. Era ekiro ekyo ekibinja ky'eddiini, okuva mu kkanisa y'abasodokisi ekyalimu abavubuka, baalina olukuŋŋaana. Si—si . . . Mbaddeko mu Afirika awali abasamize n'ebintu ebya buli ngeri, naye nnali ssiwuliranga nga kye nnawulira. Bugenda okukya enkeera, (siyinza kubattottolera kyennyini kyaliwo, tuli kibiina ekirimu abakulu n'abato) . . . buli wamu wonna, waali wajjudde ebintu eby'obugwenyufu ebyali bikoleddwa, amacupa g'omwenge. Nga abaana abo abato, abalenzi n'abawala baasuze mu kisenge kye kimu ekiro kyonna, nga bali wamu. Ne bukya enkeera ku makya, "faaza omutukuvu" n'atuula erudda wali, ne bajja ne bamuvunnamira bwe *batyo*. Nga ebyo byonna babikola mu Linnya lya Yesu Kristo!

24 Ntabuse omutwe? Kiki—kikyamu ki ekindiko? Siyinza kugumiikiriza bintu kika ekyo! Ki . . . waliwo ekinnyeenya ne kijula okunkutulamu obutundutundu bwe ndaba ebintu kika ekyo. Ebyo nabyo bikiikirira Mukama wange Yesu? Akabaga ak'okunywa omwenge n'okutamiira, n'ebikolwa eby'ekikaba nga ebintu eby'ekikaba ebya . . . abavubuka abo abawala n'abalenzi bye baakozesezza, nga biri buli wamu wonna ne mu bipipa bya kasasiro, n'amacupa ne . . . Ha, bannange, bannange! Obwo osobola okubuyita Obukristaayo? Tekyewuunyisa okuba nti ensi eri mu mbeera ejjudde ekibi. Mazima, omwonoonyi ayogera ki bw'alaba ebintu nga ebyo? Enkumi n'enkumi zaabyo.

25 Abawala abo abato ne batamiira ne batuuka okuba nga tebakyasobola na kuyimirira, ne basula mu kisenge ekiro kyonna nga bali wamu n'abalenzi, nga bwe bamokkola agagambo ag'obuwemu ge wali owulidde mu bulamu bwo. Nnatadde obutto ku mutwe gwange *bwenti*, okugezaako okwebaka. Nga bwe

beetala buli wamu wonna, batamidde, badduka bwe badda eno n'eri ku myaliiro egy'enjawulo bwe batyo, kyokka nga balina eddiini!

26 Kati, ebyo nsobola okubisuubira mu bantu bano abonoonyi abalinga, kati, abagamba mbu bazannya mizannyo, wabweru wano mu muzannyo ogw'okuyiringisa omupiira. Omu ku baana bange singa kamutanda n'ayingira gye bazannyira omuzannyo ogwo, mmugoberawo ku kyalo. Uh-huh. Mbu baguyita muzannyo, ogwo si muzannyo. Kiki kino...Bw'oba oyagala kutereera, tereera ne Katonda. Mazima.

27 Njagala mbasomereyo, ebigambo ebitonotono okuva mu Bayibuli. Ebigambo bino ebitono bye njagala okubasomera olw'eky'okuyigako, bisangibwa mu ssuula ey'e 17 eya Bassekabaka Ekisooka, olunyiriri 1.

> ...*Mukama Katonda wa Isiraeri nga bw'ali omulamu, gwe nnyimirira mu maaso ge, tewaabenga musulo newankubadde enkuba* mu *myaka gino,...wabula ng'ekigambo kyange bwe kiri.*

Bassekabaka Ekisooka, essu- 1...essuula ey'e 17, olunyiriri 1.

28 Bwemba nsobola okukusindikira akagoye akasabiddwa, ekiseera kyonna, mpandiikira; omuwandiisi wange wano, waali wano kati, Ow'oluganda Maguire. Bameka abaali bafunye akagoye akasabiddwa okuva gye tuli? Leka tulabe emikono gyammwe. Yimirira, Ow'oluganda Jim. Njagala ndabe... nkulabe, wamu ne mukyala wo. Omuwandiisi wange wuuno wano wamu ne mukyala we, be bakola, be baasindika...Oyo ye mulenzi n'omuwala ababasindikira obugoye obusabiddwa mu nkuŋŋaana, bombi Bakristaayo abaatukuzibwa. Era eddoboozi, eddoboozi eryo eddungi lye muwulira ku ssimu bwe munkubira, ye mukyala oyo atudde awo, mukyala we. Kitaawe ne nnyina, n'abalala, weebali wano naffe olwa leero; ne—n'abaagalwa baabwe, bonna weebali. Kale...Era mumanyi omuwandiisi wange bwe mbeera mu njiri ey'ebweru, Mw. Mercier, Ow'oluganda Leo Mercier, alina waali wano, wamu n'Ow'oluganda Gene Goad. Kale n'olwekyo bwe tuba tusobola okukusindikira akagoye akasabiddwa, ekiseera kyonna, oba ekintu ekirala kyonna kye tusobola okukola, oba kukusabira kuyita ku lukomo lwa ssimu; oba ekintu ekirala kyonna kye tusobola okukola, tujja kukikola.

29 Omusajja ono eyalina endabika etaali ya bulijjo nga akutte omuggo mu mukono gwe, eyali omunywevu mu kutambula kwe, nga amaaso ge gaakaayakana olw'Ekitiibwa kya Katonda, nga ekirevu kye bwe kyewuubira ku matama ge, nga yeesibye eddiba ly'endiga ekkadde, yali atambula nga alina embavu nga bw'aserengeta okwolekera e Samaliya. Teyalina kya maanyi kisikiriza mu ndabika ye, naye yalina BW'ATI BW'AYOGERA

MUKAMA eri eggwanga eryo ery'amaanyi erya Isiraeri. Weewaawo, Eriya Omutisubi, nnabbi wa Mukama. Teyalina kya maanyi kisikiriza mu ndabika ye, naye yalina Ekigambo kya Mukama.

30 Teyatya kuyimirira mu maaso ga kabaka, kubanga yali abadde mu Kubeerawo kw'oyo asinga kabaka obukulu, yali abadde mu Kubeerawo kwa Yakuwa. Kale, yali amanyi w'ayimiridde. Era bwe yajja mu maaso ga kabaka teyalonzalonza wadde okunanaagira, yali yeekakasa kye yali ayogerako. Yasobola okugamba kabaka nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA KATONDA WA ISIRAERI, 'Tewaabenga nkuba newankubadde omusulo okutuusa lwe ndibiyita.'" Ekyo lwaki yakyogera nti, "okutuusa lwe ndibiyita. Nga ekigambo *kyange* bwe kiri"? Kubanga yalina Ekigambo kya Mukama, yali nnabbi, era nnabbi abeera alina Ekigambo kya Mukama.

31 Kintu ekiwuniikiriza ennyo okulaba ebintu Isiraeri ey'omu Ndagaano Enkadde by'efaanaganya ne Amerika ya leero. Gombi gaali mawanga ag'amaanyi. Gombi gaatandikibwaawo, era abantu baago baagajjamu, lwa kuyiganyizibwa kwa bya ddiini.

32 Isiraeri baali baayigganyizibwa Falaawo era baali mu buddu okumala ebikumi n'ebikumi, by'emyaka, gye baggyibwako eddembe ly'okusinza Katonda omutuufu era omulamu, era baali baggyibwako eddembe eryo; nga baafuuka baddu. Naye Katonda yali yabawa ekisuubizo mu Bayibuli Ye, manya mu Kigambo Kye, n'okuyita mu bannabbi Be, nti Alibawa ensi. Era baali bajja mu nsi eno ne bagobamu bannansangwa b'ensi eyo abaagirimu, ne balya obusika bwabwe, kubanga Katonda yalina ekigendererwa mu kukola ekyo.

33 Kye kimu n'eggwanga lyaffe lino ery'amaanyi. Twajja wano, era ku kizinga kya Plymouth Rock eggwanga lino gye lyatandikibwaawo ku musingi ogw'eddembe ly'okusinza kubanga bajjajjaffe baali badduse okuyigganyizibwa kw'Abaruumi okw'enkola ya Yezeberi ey'omulembe guno, era baali bavudddeyo oluvannyuma lw'okuyigganyizibwa okunene ennyo n'okutugumbulwa wansi w'enkola ya Yezeberi eyo ey'obulimba. Era okusinziira ku Bayibuli, mu kitabo ky'Okubikkulirwa, essuula ey'e 13, Katonda yali yabasuubiza akafo awali amazzi, n'ekifo, kubanga omukazi yasitulibwa n'atwalibwa mu ddungu gye yaliisibwa okumala ekiseera, n'ebiseera, n'ekitundu ky'ekiseera. Katonda yali yawa Amerika ekisuubizo, manyanga eri ekkanisa (eri omukazi), okujja mu nsi eno.

34 Mwali mwetegerezza Okubikkulirwa 13? Ensolo ziri endala zonna zaali ziva mu nnyanja, mu mazzi; Okubikkulirwa 17:17, wagamba nti, "Amazzi ge walabye ye nnamungi w'abantu." Ensolo ziri endala zonna, zaava mu mazzi, ebibiina ne nnamungi

w'abantu. Naye eggwanga ly'Amerika bwe lyajja, "Lyava ku lukalu awaatali bantu." Era mujjukire nti, bwe lyavaayo lyali lifaanana nga mwana gwa ndiga.

35 Kati, omwana gw'endiga gubeera n'amayembe abiri, nga ekyo kitegeeza amaanyi ag'eby'obufuzi n'ag'eddiini. Naye bwe geegatta awamu, mujjukire nti, omwana gw'endiga ogwo gwayogera nga ogusota bwe gwakola mu kusooka; era ogusota yali Rooma.

36 Ogusota bwe gwayimirira mu maaso g'omukazi okumira omwana we amangu ddala nga yaakazaalibwa, ogusota ogumyufu. . .Ani yayimirira mu maaso g'omukazi Isiraeri, okumira Omwana amangu ddala nga Yaakazaalibwa, n'alagira n'okuyigganya awamu n'okutta abaana abato bonna okuva ku myaka ebiri okudda wansi? "Rooma, ogusota, gwayimirira awali omukazi okumira omwana we amangu ddala nga yaakazaalibwa."

37 N'ekirala, tukizuula, nti eggwaga lino lyatandikibwaawo nga eggwanga ery'eddembe, era lyali. . .lyalina omwana gw'endiga, ekitegeeza Omwana gw'endiga gwa Katonda. Naye, bwe waayitawo akaseera, enkola eno y'emu gye tulina, yayogera nga ogusota era n'ekozesa obuyinza bwonna ensolo eyasooka bwe yalina.

38 Amawanga gombiriri, gafaananira ddala, bulungi nnyo. Era mujjukire bano. . .Isiraeri bajja ne balya ensi yaabwe wamu ne Palesitayini, ne bagobamu abantu bonna abaabeeranga mu nsi eyo ne begyezza. Naffe twajja ne tuwamba ensi eno okuva ku Bayindi bannansangwa, ne tubagoba ne tugyezza. Katonda yalina ekigendererwa mu ekyo. Katonda yali agenda kulaga ensi kiki ky'Asobola okukola o—okuyita mu bantu abatono ab'olubatu abaali baagala eddembe, era eddembe ery'okusinza, okuweereza Katonda.

39 Kiki ekyakolerwa Isiraeri? Yafuula Isiraeri eggwanga erisingirayo ddala okuba ery'amaanyi mu nsi yonna, era yasigala bw'etyo okutuusa lwe yava mu kwagala kwa Katonda. Kiki kye Yakola Amerika? Yalifuula eggwanga erisingirayo ddala okuba ery'amaanyi mu nsi yonna okutuusa lwe litandise okuva mu kwagala kwa Katonda. Gombiriri, gafaanaganira ddala, buli limu ne linnaalyo.

40 Isiraeri bwe bajja mu nsi, baali bantu a—ab'amaanyi ennyo kubanga baalina obukulembeze obulungi. Baali bakulemberwa abasajja abatya Katonda, nga Dawudi, nga Kabaka Sulemaani. Ensi yonna yali ebatya, era beeyagalira mu kiseera ekyo eky'obutaba na ntalo, na mitawaana, n'okutambulira wansi w'amaanyi ga Katonda, okutuusa abantu okuva buli wamu wonna mu nsi yonna lwe baatandika okukuluumulukuka nga bajja okubalaba. Katonda yabawa ekirabo eky'okutegeera ebyama eby'omu mutima, kyali ku Sulemaani. Era kabaka

omukazi okuva mu Bukiikakkono, okuva. . . kabaka omukazi ow'e Seeba yatindigga olugendo n'ayita mu Ddungu Sahara (kyamutwalira emyezi esatu) nga ayagala okuwulira ku magezi ga Sulemaani. Era bwe yakiraba nti Sulemaani asobola okwawula emyoyo, n'amutegeeza n'ebyama bye yalina mu mutima gwe, n'agamba nti, "Byonna bye nnawulira byali bituufu, n'okusingawo." Yamatira obutasigalamu yadde akakunkuna nti oyo yali Katonda.

41 Ne Amerika, okusinziira ku musingi gwa bajjajjaffe abajja wano nga banoonya eddembe ery'okusinza. . . Twalina abasajja abatya Katonda mu biro ebyo, nga abakulembeze: George Washington, Abraham Lincoln, abasajja ab'embala ez'ekitalo, abasajja ba Katonda. Amerika yali Amerika, mu biro ebyo.

42 George Washington, wano eno ku Valley Forge, bwe yali tannaba kusomoka Dellaware, bwe yasaba ekiro kyonna, okutuusa lwe yatoba yenna okutuukira ddala mu kiwato, ng'afukamidde mu muzira. Era enkeera Abamerika bwe baatanula okusomoka, abaali bambadde engatto baali nga amakumi abiri ku kikumi bokka, abajaasi b'Eggye ly'Amerika. Naye baalina ennono kwe baali batambulira, baalina ekintu kye baalina okulwanirira. Baali tebafaayo ku kiki ekinaddirira. Omulimi yajjanga, n'assa wansi enkumbi ye n'ajjayo ente ye erima, n'akwata emmundu ye n'agenda okulwanirira ekyo kye yali amanyi nti ly'eddembe. Era olunaku olwaddirira, ndowooza bwe kityo bwe kyali, yalina ebituli nga bitaano oba bina amasasi mwe gaayita, amasasi g'emmundu eri ey'enkola enkadde, mwe gaayita mu kizibaawo kye ne mu nkofiira ye naye ne gatamukwata.

43 Abasajja ba Katonda, abaatandikawo eggwanga lino, abasajja ab'ekitalo! Tekyewuunyisa baawandiika ne bagamba nti:

> Lubeerera leka eggwanga lyaffe lyakaayakanenga
> N'ekitangaala ekitukuvu eky'eddembe,
> Otukuume mu buyinza Bwo,
> Katonda omukulu, Kabaka waffe!

44 Gye buvuddeko, nnina omusajja omukadde gwe nnayogera naye emmanga mu Corydon, Indiana. N'annyumiza ekiseera ekizimbe ekituulwamu ababaga amateeka g'eggwanga bwe kyali kikyali mu Corydon, n'engeri gye. . . n'aŋŋamba nga bwe yagendayo mu kigaali ekisikibwa ente okuwulira ga— gavana nga ayogera. Nga ye wamu ne gavana be bokka abaali bambadde essuuti, enzijuvu, ekkooti n'empale yaakwo. N'agamba nti yalunda endiga n'azisalako ebyoya, ebyoya byazo n'abyoza, bannyina ne babitunga ne bamukoleramu ekizibaawo eky'okwambalira ku mpale ye. Bambi musajja mukulu nga atudde awo, we nnayogerera naye yali wa myaka nga kinaana

mu etaano oba kyenda, kye yava asika ekirevu kye *bw'ati*, n'aŋŋamba nti, "Billy, ekyo ky'ekiseera *Amerikee* lwe yali *Amerikee*."

45 Nnatunuulira musajja mukulu oyo, muli ne ŋŋamba nti, "Ssebo, eky'amazima, bangi ku bavubuka bano tebayinza kukikkiriza, naye g'oyogera ge mazima."

46 Kiki ekyatuuka ku Isiraeri abaalina omusingi n'ebyafaayo bino byonna eby'okutya Katonda? Baatandika obutafaayo. Baatuuka ekiseera nga, kati, tebakyafaayo ku biki ebigenda mu maaso. Baatandika okuddirira mu ngeri gye baali basinzaamu Katonda, newankubadde baasigala balina ekifaananyi eky'eddiini era nga naffe bwe tukirina. Baali beefaanaanyiriza nga abatya Katonda. Naye baatandika obutafaayo ku bantu baabwe, ne—ne batandika okuyingiza enjigiriza enkyamu mu kkanisa yaabwe. Okusinza Baalimu kwatandika okusensera, era Isiraeri n'etwalirizibwa ebinyumu, n'ettamiiro, n'ebintu eby'engeri eyo, ne bawunzika nga balonze omukulembeze eyali tamanyi Katonda; Akabu, eyasikira kitaawe. Nga ne kitaawe yali musajja atatya Katonda, yali musajja mugagga, naye nga musajja atatya Katonda. Era yakola ebibi ebya buli ngeri, okusinga omuntu yenna ku baamusooka bye yakola. Naye Isiraeri, mu mbeera mwe baali nga kyenkana tebakyategeera, baateekawo omusajja afaanana bw'atyo, ne bamuteeka ku ntebe ey'obwakabaka abeere nga y'abafuga. Baalowooza nti tekyalimu kabi, era nga Abamerika bangi bwe balowooza ensangi zino mbu, "Munnabyabufuzi mulungi, kinaakyusa ki? Tekirina kye kijja kukyusa, kubanga munnabyabufuzi mulungi."

47 Abamerika bangi, bangi ku bo, batunze obusika bwabwe, nga Abamerika, nga bagamba nti, "Kikyusa ki, kasita ofunayo ddoola nga ziizo okuva mu gavumenti n'otambuza obulamu?" Baatunda obusika bwabwe okufunamu eky'okulya, n'ebyegombebwa n'ebiyaayaanirwa eby'ensi ejjudde ekibi, ne beerabira ekintu kyennyini ekyatuviirako okugoba ku Plymouth Rock. Beerabira obusika bwaffe, ne bagenda beetunda eri ebibiina ebyatamiira ebinyumu. Nga bwe kyali mu nnaku za Isiraeri, era kizzeemu, Amerika ekutte ekkubo lye limu, egoberedde omukululo gwe gumu, binyumu!

48 Bwe waayitawo akaseera, gavumenti n'ewagira ekibi: "Kasita mubeera nga mulina essinzizo, waliwo njawulo ki?" Ky'ekyo kyennyini Amerika ky'ekoze. Era twatandika okwekolamu ebibinja ne tukola obubinja obutonotono, ne tweyongera okwonoona, ne tweyongera okwonoona, ne tweyongera okwonoona. Twalina kusigala ku nnono zennyini ezaatuleeta wano! Ekibi kyatandika okusensera mu makanisa nga bwe kyakola mu kiseera kiri. Abakazi ne batandika okusalako enviiri zaabwe, n'okwambala engoye ez'obuseegu, nga buli mwaka bagenda beeyongera okuzisalako era . . . N'abasajja ne batandika okukola *kino*, *kiri*, na *kiri,* ne

bakuba zzaala n'emizannyo egy'okukuba luddo mu kkanisa, ne bafuukira ddala ab'ensi nga bali bwe baali, abettanira ebinyumu, abanywa ne bagangayira.

49 Abaweereza ne batikkirwa okuva mu matendekero g'eddiini, abalabirizi ne bababagamba mbu, "Mmwe, mubuulire, kyonna kye mwagala okubuulira. Kye mmanyi, omusaayi gwa Yesu Kristo gwakala dda emyaka lukumi mu lwenda egiyise." Okutuusa ekkanisa lw'efuuse etakyalimu nsa okuggyako okubeera ekibiina obubiina, nga ekibiina ky'obwegassi. Kino temukyerabiranga olw'eggulo lwa leero! Efuuse kibiina kya bwegassi, ensi n'etandika okugisenseramu, abaweereza ne batandika okwekkiriranya nga bwe baakola mu nnaku za Akabu. Efumbekeddemu ekibi, n'evunda n'ekatagga, ne yeeyongera ne yeeyongerera ddala okuvunda.

50 Newankubadde nga Katonda yabatumiranga bannabbi emirundi n'emirundi, wamu n'okusaasira okulungi ne Yeegayiriranga abantu, naye baakyuka ne bakikuba amabega. Baali baagala kukola bye baagala, baali Bayisiraeri, baali ba ddembe, baali ggwanga lya maanyi, bajjajjaabwe baakola *kino-na-kiri* (Dawudi ne Sulemaani), kale basobola okukola kyonna kye baagala. Ekintu kye kimu kyennyini naffe kye twesigamyeko, mazima ddala; ebyo Washington, ne bajjajjaffe bye baakola, n'ebyo bye baali bakkiriza. Naye, ow'oluganda, tuli mayiro akakadde kalamba okuva ku bintu ebyo; amakanisa gaffe bwe gatyo bwe gali, gabiri mayiro akakadde kalamba.

51 Ey'edda . . . Ekkanisa y'Abamesodisiti eya leero, bw'ogigeraageranya n'ekkanisa y'Abamesodisiti bwe yali! Abapentekoote kye baali olwa leero, bw'okigeraageranya n'ekyo kye baali! Ababaputisiti kye bali olwa leero, bw'okigeraageranya n'ekyo kye baali! Singa tubadde n'obudde ne tuddayo emabega ne twogera ku John Smith n'abaddaabuluzi abo abaasooka. John Smith yagamba, bwe yali tannafa, yagamba nti, "Ekintu ekyennyamiza kiri nti abakazi Abamesodisiti batandise okwambala empeta eza zaabu ku ngalo zaabwe." Abamesodisiti! Yandigambye atya leero bwe yandibalabye nga basalako enviiri zaabwe, bonna beesiize langi mu maaso, bambadde empale ennyimpi? Bireeteddwa kibi!

52 Katonda kiki ky'akoze mu Amerika? Aweerezza okudda obuggya ne kugobererwa okudda obuggya, okudda obuggya ne kugobererwa okudda obuggya. Abaweereza babuulidde Ekigambo, ne bagezaako okuyita abantu okudda eri Katonda. Naye bakoze ki? Bakoze ekintu kye kimu Isiraeri kye yakola, Ekigambo ekyo bakisambazze! Babakudaalidde! Ne babayita "abatukuvu abeevulunga"! Ne babasuula mu kkomera!

53 Singa omu ku bannyinaze n'omu ku baganda bange, okuva mu kkanisa eno olwa leero, yayimiridde mu woteeri eyo ekiro kya jjo n'ayimusa emikono gye n'atendereza Katonda

n'aleekaanira munda omwo, olwa leero yandibadde mu kkomera olw'okukola ekyo. Naye ekibinja ky'abatamiivu, abanywa omwenge ne bagangayira "abeevulunga abatali batukuvu" basobola okuyimirira munda omwo ne baleekaana ekiro kyonna; ne batamiira, ne bawemula ne bambula abakazi baabwe engoye ze bambadde ne beejeeguula, ne beerindiggula ennume z'ebigwo ne baleekaana okukeesa obudde, naye ne batabaako kigambo n'ekimu kye bakyogerako. Ky'ova olaba nga tuliko omusango wansi w'omukono gwa Katonda!

54 Mwetegereze, baagenda mu maaso bwe batyo, Katonda n'asindika abaweereza, ne bakola obubonero n'ebyewuunyo, nga akakasa Ekigambo Kye. Naye ekisinga obukulu mu byonna, Ekigambo ekyo bangi ku bannaddiini ab'omulembe baakigaana era ne bavvoola buli kudda obuggya okwajjanga. Nga abo abeeyita Ekkanisa ya Kristo n'abalala abagamba mbu, "Ennaku z'ebyamagero zaayita." Nga bakola buli ekisoboka kyonna okulemesa abatono ba Katonda abo okukiraba. Nga bwe kyali mu Isiraeri, bwe kiri ne leero. Emirundi mingi, Katonda alina okujjayo abantu Be mu bibiina eby'obuntu n'ebibiina by'amadiini, abatwale babeere eyo mu ddungu bokka, asobole okwogera nabo. Era Agenda kubeera n'abatono ne ku mulundi guno, ekyo temukyeraliikirira. Yakikola ku mulundi guli, ne ku mulundi guno Ajja kukikola. Baagenda beeyongera mu maaso okwebbika mu kibi, nga batambulira mu bintu ebitali bimu. Kyava ku ki? Ku bukulembeze bwabwe, tewaali kintu kiyinza kukiziyiza.

55 Kati, eky'amazima, nnina amawanga mangi ge mmanyi nga singa bakwata abantu ku luguudo nga bambadde nga bwe twambala wano mu Amerika, babasiba ne mu kkomera. Bwe nnagenda mu kibuga Sant'Angelo, mu Rooma (Kaakati, mukirowoozeeko, ku bwonoonefu obuli eyo.), baalina akapande ke baatimba, ku limbo ya Sant'Angelo nga kagamba nti, "Eri abakazi Abamerika: Musabibwa mwambale engoye obutaweebuula bafu."

56 Bwe wabaawo ekintu kyonna ekiyinza okukuleetera okusinduukiririrwa emmeeme, kwe kulaba ekibinja ky'abayitibwa Abamerika nga bajja. Nnali ntudde wansi, mu Lausanne, twali tulya nnyama, lumu, nze n'Ow'oluganda Arganbright. N'enkeera, ne tuddayo kubanga yali ewooma okukamala. Nnali njagala kufunayo amazzi ag'okunywa, naye baali tebagabula kirala kyonna okuggyako wayini. Kale nnafunanga amazzi, nagendanga ne jjaaga yange ey'amazzi nga ngikutte, ekiseera kyonna, kubanga baali tebagabula mazzi ku mmeeza. Ne ŋŋendayo, era buli kimu kyali kitambula bulungi okutuusa "Nnalulungi wa Amerika" lwe yayingira nga alina akabwa, akacaafu, akakalukuta eminyira; nga yenna yeetonyetonye eby'okwewunda ebitundibwa mu buduuka bwa cakalacakala *bw'atyo*, alina n'omunwe gwa sigala mu kamwa

*bwe guti,* n'atuula awo nga yeerimbise mu kubeera ekintu ky'atali; n'atuuza akabwa ako ku mmeeza, akabwa akacaafu, akalabika obubi.

57 Kye...embwa kye kintu ekisingayo obubi Katonda ky'ayogerako. Ka kibeere ekimu eky'ekkumi okuva ku ssente ze batunzeemu embwa tekisobola kuleetebwa mu nnyumba ya Katonda. "Kiba nga ekya malaaya, ekimu eky'ekkumi kya malaaya," Bayibuli bw'egamba. Naye, ate, nga bakiwa. Bajja kukozesa enkola ya kizaalaggumba basasule enkumi n'enkumi za ddoola, kyenkana, okugula akabwa akataliimu makulu; yeetawule nako buli wamu wonna akalage okwagala okwandibadde okw'omwana, asobole okucakala okukeesa obudde, nga bw'akozesa enkola ya kizaalaggumba.

58 Kiki ekisigadde okuggyako akavuyo akeereere! Muyinza obutaddamu kuwulira ddoboozi lyange nate, naye kino njagala mukijjukire: Tuli ku nkomerero!

59 Awo, tulaba ekyabaawo, ekyaddirira. Ku nkomerero ya byonna, ekiseera *eky'akatyabaga* kyatuuka: Akabu yalondebwa, era bwe yalondebwa, n'awasa Yezeberi; omukazi oyo omugwenyufu eyatwala Isiraeri yonna mu kusinza ebifaananyi. Era nga Isiraeri bwe baakola mu kiseera ekyo, lwaki, kino... Bateekwa okuba nga baali mu mbeera ya kugwa, okutuuka okuganya ekintu nga ekyo okubaawo mu ggwanga lyabwe. Amateeka gakolebwa bantu era ku lwa bantu, naye naffe tukoze ekintu kye kimu!

60 Waaliwo ekiseera Amerika lwe yali teyinza ku...nga tebayinza kuleka malaaaya oli, malaaya oli eyanywa omusaayi gw'abatukuvu, eyabatta, era ensonga eyabaviirako okudduka bajje wano, babeere n'eddembe, baali tebayinza kugumiikiriza kintu nga ekyo. Ekyo kiraga nti tuli mu mbeera ya kugwa, eggwanga lyonna, okulonda omuntu afaanana bw'atyo. Ha, weewaawo, kati mmwe...abamu ku mmwe ab'ekibiina kya Democrats kakongoliro mujja kulowooza, mbu "Ha, ddala, agenda—agenda kubeera munnabyabufuzi mulungi." Ekyo kyandiwulikika nga ekituufu eri okukubaganya ebirowoozo, eri endowooza ey'omubiri. Naye eri Ekigambo kya Katonda n'eri endowooza ey'omwoyo, tekikola makulu. Mazima ddala tekikola makulu, kweyongerako ddoola ntonotono n'okukendeza katono ku misolo oba ekintu nga ekyo.

61 Naye ffe ne tukaluubirizibwa, abaminsani baffe abagenda okubuulira enjiri olwa leero, kubanga kati tutwalibwa nga eggwanga erikkiririza mu ddiini y'Obukatuliki. Ddala, bwe kiri, Russia batwalibwa okuba eggwanga erikkiririza mu nkola y'obwannaakalyak'ani kubanga balina omukulembeze akkiririza mu nkola y'obwannaakalyak'ani. China n'amatwale gaayo etwalibwa okuba eggwanga erikkiririza mu nkola y'obwannaakalyak'ani kubanga balina omukulembeze

akkiririza mu nkola y'obwannaakalyak'ani. Naffe tutwalibwa nga eggwanga erikkiririza mu ddiini y'Obukatuliki kubanga tulina omukulembeze Omukatuliki.

62 O, Akabu bwe yali ku ntebe ey'obwakabaka. . .Oyinza okugamba nti, "*Ye* yali ku ntebe ey'obwakabaka." Kituufu ye yaliko, naye Yezeberi ye yali omutwe ogwali emabega w'entebe eyo. Ye yali akulembera. Laba engeri gye yaddira amateeka g'eggwanga n'aganyoolanyoola, olw'okwagala okwegaggawaza awamu n'omululu gwe, n'aleetera ne Akabu okukikola kubanga yali mukazi we. N'abakulembeze baffe bwe batyo bwe bali leero. Sigamba nti si musajja mulungi, naye laba ekiri emabega we: waliyo mukazi oli omwenzi, ekintu kyennyini kye twadduka okujja wano (okufuuka Amerika); ennono zennyini Amerika kwe yazimbibwa. Ffe bennyini, kyeyagalire, ffe twalonda ekintu ekifaanana bwe kityo.

63 Kati mulaba ensonga lwaki mu kaseera katono eddoboozi lyange ligenda kusirisibwa. Naye omuntu omu alina okutegeera! Weewaawo! Lwaki? Okubikkulirwa 2:20, yeeyita "nnabi omukazi." Mmwe mulabe ejjengo ly'ekibi erikudde ejjembe mu kaseera kano. Mulabe bwe kituukidde ddala ku ntobo. Mulabe enkola y'ebintu ey'omulembe, mulabe ebintu eby'obutatya Katonda ebigenda mu maaso mu makanisa. "Era, ku nkomerero ya byonna, wajja kubaawo okuyigganyizibwa," bw'etyo Bayibuli bw'egamba, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Mazima ddala, kujja kubaawo.

64 Olwo kiki ekiriddirira? Nga bwe kyali luli, bwe kiriba ne ku mulundi guno. Omukazi oyo ye yali amaanyi agaali emabega w'eggwanga eryo, ye yali alifuga. Musome e. . .Ndowooza kiri mu musanvu-. . .awo nga mu ssuula ey'e 17 oba ey'e 18, bwe watyo, mujja kuzuula Yezeberi kye yakola: engeri gye yatwala Akabu, ate talina kintu kyonna kye yayogera kubanga yali mukazi we. Mulabe omusingi eggwanga kwe lyazimbibwa mu kiseera ekyo, Omuyisiraeri eyali yagwa nga alina omukazi omukaafiiri (emabega we) eyali omusinza wa Baalimu. Era kiki kye yakola? Yamaliriza buli kimu akifudde kya mulembe, era nga kirungi nnyo, abantu ne kibanguyira, okutuusa ekkanisa yonna lwe yakyagala, ababuulizi n'abalala bonna. Eriya teyagamba nti, "Mukama, nze nzekka asigaddewo"? Era nga bwe kyali luli, ne leero bwe kiri.

65 Bonna baali batya okubaako ne kye boogera. Si kye kintu kye kimu ne leero? Baali batya okubaako kye boogera. Era tukiraba nti, baali basiiwuufu ba mpisa, abeeyisa nga bwe baagala, abatamiivu, abeejeeguula, abettanira ebinyumu, n'ebirala byonna, era nga bwe kiri leero. Nga Yezeberi anyoola Ebyawandiikibwa ebyo. . .Yakola ki. . .manyanga amateeka ago, nga—nga Yezeberi bw'aganyoola. Mujjukire nti, Yezeberi, yeeyita "nnabbi omukazi," okusobola okuwamba abantu, era agamba nti ye "ddoboozi lya Katonda lyokka ku nsi." Ekyo

ajja kukola kyonna ekisoboka okuleetera endowooza ey'omubiri okukikkiriza.

66 "Wajja kubaawo okusinza omukazi, mu Ggwanga ly'Amerika, era ajja kuba Maliyamu." Nnakiraba, asatu . . . 1931. Waliwo ebintu musanvu ebyabaawo. Mbirina, wano eno ku lupapula, nnabiwandiika mu 1931. Nnagamba nti "Pulezidenti ono aliko, Franklin D. Roosevelt, ajja kuleetera ensi yonna, ajja kuyambako mu kukikola, okutwala ensi yonna mu lutalo." Twali tetunnagenda mu lutalo, mu biseera by'akatuubagiro k'eby'enfuna. Ne ŋŋamba nti, "Ekintu ekirala, . . . " Era ekyo maama wange, eyali munnakibiina kya Democrat kakongoliro, yantunuulira bubi bwe nnakyogera. Ne ŋŋamba nti, "Sifaayo oba munnakibiina kya Republican oba kya Socialist oba kiki kyonna ky'ali, kino kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Ne ŋŋamba nti, "Mu kukola kino, bagenda kukkiriza abakazi okulonda. Era ekyo bwe banaakikola, bajja kuba bakoze ekimu ku bintu ebisingirayo ddala okuweebuula eggwanga lino bye lyali likoze." Era ne ŋŋamba nti, "Lumu balikisasulira." Era baakisasulira mu kulonda kuno okwakasembayo. Be baamuleetera okuwangula akalulu, baali bakazi.

67 Nammwe abaddugavu abaagalwa, okuva mu Bukiikaddyo, engeri gye mwalonda! Oyinza okuŋŋamba nti, "Ebyo tolina kubyogerera mu kituuti." Ha, weewaawo, nteekwa okubyogera, Kigambo kya Katonda! Nga amabala g'omusaayi gwa Abraham Lincoln, eyabawa eddembe, gyegali eri mu kkaddiyizo ku lugoye lw'omukazi, naye ne mutunda obusika bwammwe. Muswadde nnyo.

68 Nammwe bantu mmwe, abaagala eby'obufuzi, mbu kubanga muli bannakibiina kya ba Democrat, ne mulonda kika ekyo, ne mutunda obusika bwammwe nga Abamerika era nga Abakristaayo, okubuwaayo eri malaaya gwe twadduka okujja mu ggwanga lino, eyatuviirako okubeera ekyo kye twali. Mulaba bw'azze asensera? Mu bukujjukujju, okutuusa kati lw'atudde ku ntebe ey'obukulembeze. Mazima ddala! Ali ku ntebe mu Maka g'Obwapulezidenti w'Amerika.

69 Mulabeeyo! We twogerera . . . Luli mwalaba eby'amasomero g'Abakatuliki n'amasomero g'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki? Wagira ssomero ly'Abakatuliki towagira ssomero lya nzikiriza zaawakanya Bukatuliki. Mukiraba? O, ow'oluganda! Mulinde ejjengo ly'ebintu ebigenda okuddirira. Mwetegereze, era bwe baakikola, mwekkaanye ebyaddirira. Ekibi kino kyonna ne kyetuuma. Ekiseera ne kituuka nga eggwanga liri mu mbeera ya kutagala butagazi.

70 Emyaka mitono egiyise, bwe baalina . . . Abapentekoote bwe baali baakatandika, kyataasa eggwanga emyaka mitono egiyise Al Smith bwe yali agenda kwesimbawo. Amerika yali etegeera bulungi mu kiseera ekyo okusinga bw'etegeera leero.

Naye Obupentekoote bwayingirwamu nnyo ensi nabwo ne budobonkana ne batunda obusika bwabwe nga Abakristaayo, eri eby'obufuzi, ne bakulembeza eby'obufuzi mu kifo kya Bayibuli. O, bannange!

71 Kaakati, mulindeeko katono, mulabe kino gye kikomekkereza. Kati, tulaba kye baakola n'ebintu bye baakola, tubiraba nga bifaanaganira ddala n'ebiri wano, ku buli ludda waliyo ekibi. Yezeberi yajja, n'aloga abantu bonna. Era mulabeeyo, ekyavaamu, yatandika okuzimbira Baalimu amasabo amanene. Si bwe kiri? Era bakabona ba Baalimu baakuluumulukuka okuva mu buli kanyomero nga bwe beeyiwa mu kifo ekyo, ne batandika okwonoona ensi n'okusinza kwa Baalimu.

72 Mulabe kye bakoze, mulabe bwe bazisizza buli wamu wonna. Ebintu bye bakoze, mulabe we bali leero. Mulabe Obukatuliki bwe buzze nga bwe bumira, bwe bumira, bwe bumira; bwe bwegatta n'ebintu eby'enjawulo, bwe bumenya kino, kyennyini ddala nga Daniel bwe yagamba nti bwe balikola. Ekyuma n'ebbumba byali tebiyinza kwetabula, naye byatabika wamu ensigo zaabyo buli kimu ne kinnaakyo, ne bimenyeka. Buli muwala okuva mu nzikiriza ezaawakanya Obukatuliki bw'afumbirwa omulenzi Omukatuliki abaana be ateekwa okubakuza nga Bakatuliki. N'enzikiriza endala zonna zigoberera ekyo, ne bawasaŋŋana, ne beetabika, ne kigenda mu maaso bwe kityo okutuusa Amerika yonna lw'esenseddwa.

73 Tugenda kukola ki nga abaminsani, bwe tunaagenda okubanunula mu South America n'ebitundu by'ensi ebirala, Tommy Osborn n'abalala, nga tugezaako okuggya abantu mu bukaafiiri obwo nga bwe bakusongamu olunwe bwe bakugamba nti ffe twalonda omukulembeze waffe, n'ekintu kye kimu. Ayi Katonda. Kiki—kiki ekigenda okutuuka ku nsi eno? Kisaanye okukankanya buli muntu ali munda wano. Tunaayanukula tutya? Abaminsani banaayogera ki bwe banaabagamba nti, "Muzze wano okutununula okuva mu kino, nga n'abantu bammwe bennyini baalonda omuntu y'omu mu woofiisi yammwe, okubeera mu bukulembeze"? Tugenda ku . . . Kiki . . .

74 Mukebere mu bitabo by'ebyafaayo, muddeyo emabega mulabe oba nga—oba nga ddala, kyenkana, kikontana ne ssemateeka okukikola. Baali tebayinza kukikola mu myaka egiyise naye, mulabeeyo, ffe tutunze eddembe lyaffe ery'Obukristaayo eri eby'obufuzi, era bw'atyo ssetaani bw'asobodde okusensera n'ayingira. Akabu teyali kirala wabula yali azinira ku ntoli za Yezeberi. N'eggwanga lino kye ligenda okuba, kuzinira ku ntoli ze. Ye nga omukelembeze w'eggwanga tajja kukikola, naye enkola eyo eri emabega we ejja kumukaka okukikola. Ddala bwe kiri! Weegaganule, ggwe Omukristaayo. Zuukuka, obudde buyise okusinga bw'olowooza. Embeera mwe tuli, embeera mwe baali, n'engeri gye baalagajjala.

75 Omutima gwa Katonda ogujjudde okwagala nga guteekwa okuba nga gwabakowoola, ne gubakaabirira, bwe Yalaba abaminsani Be. Yabafuula eky'okulabirako, amawanga gonna ne gajja okuva buli wamu wonna kubanga Katonda yali abawadde omukisa, nga babalaba bali mu bumu, mu mwoyo, baweereza Katonda. Naye okukirowoozaako nti Ya—Yayaayaana okubalaba nga bakomawo eri okwagala kwabwe okwasooka n'okukola ebyo ebituufu, naye lubeerera beeyongerayo, ne beeyongerayo, ne beeyongerayo, okutuusa ku nkomerero Yezeberi lwe yajja. Ky'ekyo kyennyini kye tukoze. Tuseeseetuse ne tuva ku nnono za Kristo. Katonda bwe yatuma abaweereza Be okwetooloola eggwanga lyonna, ne babuulira obutukuvu (Aba Pilgrim Holiness, Abanazaliini, Abapentekoote), "Mudde eri Katonda! Mudde eri Katonda!"

76 Naye amakanisa gali ag'enkola ey'edda agaasookawo gaabasekerera busekerezi na kubajolonga. Bangi ku bakkiriza ab'enkola ey'omulembe, ddala, baavumirira buli kimu kyonna abasajja abo kye baakola ne kye baayogera mbu "Byali bya ssetaani." Ekyo kyavaamu ki? Era ekkanisa yatandika okuwuliriza bye baaboogerangako, abasinga obungi baatandika okubiwuliriza. Ekyaddirira kwe kugamba nti, "Omukazi Omukatuliki bw'aba asobola okwambala ebintu bwe biti, n'ow'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki asobola okubyambala. Ekereziya Katolika bw'eba esobola okukola *kino*, n'ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki basobola okukikola. Kati Abamesodisiti bwe baba basobola okukikola, ate olwo Ababaputisiti? Kati Ababaputisiti bwe baba basobola okukikola, ate olwo Abapentekoote?"

77 Mukiraba, enkola ezaagunjibwawo abantu ebyo bye zibayingizaamu. Aleruuya! Ekyo kituufu. Eyo y'ensonga lwaki nzivumirira, kubanga Ekigambo kya Katonda kizivumirira. Enkola ezaagunjibwawo abantu: Katonda azivumirira, Ekigambo Kye kizivumirira, bannabbi Be bajja kuzivumirira, abaweereza Be ab'amazima bajja kuzivumirira, abo bonna abaazaalibwa Omwoyo wa Katonda bajja kuzivumirira.

78 Mulabe ekyatuuka ku Isiraeri, engeri gye baatwalibwa ejjengo, okukkakana nga Yezeberi azze. Mulabe ekyatuuka ku Amerika, n'etwalibwa ejjengo ly'enkola y'ensi, okutuuka nti kati Yezeberi y'ali mu ntebe ey'obukulembeze. Bwe kiri. Kati, eky'amazima Yezeberi si ye yali ku ntebe ya Misiri . . . manya, ku ntebe ya Isiraeri ey'obukulembeze, wabula yali mutwe omukulu ogwali emabega w'entebe ey'obukulembeze. Bwe butyo n'obufuzi bw'ekereziya Katolika obw'emitendera si bwe buli mu bukulembeze mu Amerika, wabula ekereziya y'enkola eri emabega w'obukulembeze kubanga omukulembeze yafumbirwa ekereziya. Era Bayibuli egamba nti, mu ggwanga lino, bajja kukola "ekifaananyi *ekifaanana* nga ensolo."

79 O, muganda wange, mwannyinaze, mutawaana ki?

Weewaawo, omutawaana ngu—ngumanyi. Bayibuli egamba nti kino kye balibeera mu mulembe guno ogwa Lawodiikiya, era awo we tuli. Mu kaseera kano oyinza okunkyawa, naye lumu olinjagala bw'olimanya Amazima ge galiwa. Osobola obutakkiriziganya nange n'osituka ne weekandagga n'ofuluma ekizimbe, ekyo kiraga bulazi butamanya bwo. Naye lumu olikitegeera, lumu olikiyaayaanira olikitegeera nti ge Mazima! Nkyogera mu Linnya lya Mukama waffe! Nneetadde mu katyabaga, ekinaakomekkereza nga kinsindise mu ntaana. Ŋŋenda kubeera mujulirwa okutuusa lwe ndifa, Katonda bw'anannyamba. Bwe kiri.

80 Tuutuno mu mbeera eno mwe tuli leero, nga byonna weebiri bigenda mu maaso bwe bityo. Mu Isiraeri, nga Akabu bwe yakola, eyaziniranga ku ntoli za Yezeberi kubanga yal-. . . yali bba. Amerika, omukulembeze waffe, yajja atya . . . Mubadde mukimanyi nti omukulembeze waffe yali musajja mugagga? Ekyo bameka abakimanyi? Yali binojjo. Waliwo eyaŋŋamba, nti waliwo magaziini emu oba ku leediyo emu oba ku ttivi oba ekintu bwe kityo, Jack Benny oba omuntu omu lwe yakola e . . . Ndowooza, yali Ernie Ford. Waliwo eyagamba mbu "Kitaawe ye yamuyamba okufuna amasaza abiri agataali gage." Agasigadde gonna gaali gage. Yagafuna atya? Ssente ezo zajja zitya? Zaava mu mwenge, na bitamiiza. Y'ensonga lwaki yaggyawo emisolo ku mwenge n'ebirala bwe bityo. Ekyo kye kyamugaggawaza. Ekintu kyennyini ekibbise eggwanga lyattu, ekintu kyennyini ekyonoonye endowooza z'abantu baffe, ekintu ekiviiriddeko batabani baffe okufuuka abatamiivu, ne bawala baffe okufuuka bamalaaya, ssente ezaava mu kintu ekyo ze zaamufuula omusajja omugagga.

81 Ekintu kye kimu, enkola eyo enkadde eya Yezeberi, ekintu kye kimu ekyayigganya abantu baffe, ekintu kye kimu ekyabawalulanga (mu bufuzi bwa Rooma) ne babookya ne babaabuluzaamu bibiri ne babakola byonna bye baabakola, omusaayi gwe gumu ogw'abajulizi (Bayibuli bw'egamba) guli mu malaaya oyo! Baabo, bafumbiriganwa. Ffe Abamerika tuli awo tutagala butagazi tuwoza kimu, "Ha, kasita, tufunayo ddoola ezisinga ku ze twali tufuna era tuli bulungi. Tuli bulungi okusinga amawanga amalala gonna." Naye, ow'oluganda, sooka olindeko.

82 Kati leka tukive gye kitandikira, okumala eddakiika ntono eziddako, tulabe ekyabaawo.

83 Ababuulizi baagenda mu maaso, n'okukkiriziganya nabo, ne batambula wamu nabo, n'enkola yonna. Enkola y'Abayisiraeri yonna yakkiriziganya ne Yezeberi. Baalina ekifaananyi, weewaawo. Kati Bayibuli tetugamba nti mu nnaku zino ez'oluvannyuma tulibeera "n'ekifaananyi eky'okutya Katonda"? Obunnabbi bwonna butuukiridde, ow'oluganda, tuli ku nkomerero! Nga eggwanga, tuli ku nkomerero! Mu

by'omwoyo, tuli ku nkomerero! Buli nkola yonna etuuse ku nkomerero yaayo! Ekiddako kwe kujja kwa Mukama waffe n'okuwaanyisibwa kw'Ekkanisa.

84 Katonda yasindika buli kabonero, na buli kyewuunyo, n'akola buli kimu kye Yali asobola okukola, nga agezaako okuyita abantu, naye ne beeyongera bweyongezi mu maaso nakyo. Mulabe akabuga kano wano. Mulabe eggwanga lino wano, erijjuddemu ebikumi n'ebikumi by'abantu Abapentekoote; naye kubanga tuyimiridde ku Mazima, bali ludda wa olw'eggulo lwa leero? Kubanga waliwo eyabagaana okubeera ekitundu ku lukuŋŋaana luno. Mmwe abasaasirwa, abagenderera . . . Katonda abasaasire, kye kyokka kye nsobola okwogera. Mmwe Abakristaayo bwe muba temukyalina ggumba lya nkizi butawuliriza kintu nga ekyo, mulina lugumbagumba olunafu mu kifo ky'eggumba ly'enkizi. Bwe kiri! Kye twetaaga kwe "kubuulira Enjiri nga erimu amannyo," aganaakutulakutula ekintu ekyo. Twatwalirizibwa nga abalala, bwe muva awo ne mwewuunya lwaki tubivumirira. Ekiva mu ekyo, mukiraba, ofuna "butaagaalibwa." Ekyo nkisuubira, nteekwa buteekwa obutayagalibwa.

85 Bino byonna byabaawo mu Isiraeri. Oluvannyuma, lumu, mu ddungu ne wavaayo omusajja, omukadde ow'omubiri ogujjudde ebyoya, Eriya Omutisubi. Teyava mu kibiina kyonna, yava mu ddungu! Teyalina kakwate konna nabyo. Yali nnabbi wa Mukama. Ow'oluganda, yakankanya obwakabaka bwa Yezeberi obwo na buli kimu ekyabulimu. Baamukyawa. Teyalina b'akolagana nabo, ekyo nsobola okukikakasa. Bayibuli egamba teyabalina. Mazima ddala. Yaviirako ba Yezeberi abo abaali beesiize langi mu maaso "okwokebwa" bwe ndowooza. Embazzi yagisimba ku kikolo ky'omuti nga Yokaana bwe yakola, obubajjo ne bugwa yonna gye bwayagala okugwa, naye ye embazzi yagiteekawo. Yanyeenya eggwanga lyonna, n'abalaga nti baali bakyamu, n'agezaako okubakomyawo eri Katonda omulamu ow'amazima, n'eri Ekigambo Kye mu kifo ky'okusinza kwa Yezeberi.

86 Baakola ki? Baamusembeza? Baamukyawa bukyayi! Naye Ekigambo kye era kyagenda mu maaso, kubanga yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Katonda yamukoleramu, n'alaga nti yali nnabbi eyafukibwako amafuta olw'ebintu bye yayogeranga okutuukirira. Era byonna bye yakola byakakasa nti yali nnabbi wa Katonda. Naye era Ekigambo ekyo baagaana okukikkiriza, kubanga yayuzaayuza ebifo byabwe ebisanyukirwamu. Yabagamba nti baali bakyamu. Akabu ebintu yabikolanga nga mupakasi. Kituufu! Era bwe mwetegereza tebaamukkiriza, naye era yagenda mu maaso nga akibuulira. Tewali n'omu ku babuulizi yakkiriziganya naye, yagamba nti, "Nze nzekka asigaddewo, Mukama. Balabe, tebayinza wadde . . . tewali n'omu, ayagala kukolagana nange." Naye yalina omulimu

ogw'okukola era yagukola. Yalina Ekigambo kya Mukama, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Era yalumba eggwanga, n'alumba ekkanisa, n'alumba buli kimu kyonna, era Katonda yali wamu naye!

87 Twasuubizibwa, nti mu nnaku ez'oluvannyuma, alikomawo n'eri eggwanga lino. Nkimanyi, Yesu, bwe. . . Matayo 17, bwe baamubuuza nti, “Lwaki abawandiisi bagamba mbu, ‘Eriya. . .'?”

88 Mulabe kye Yayogera, “Ddala Eriya ateekwa okusooka n'ajja,” ekyayita, ekitanna-. . . mu kiseera eky'omu maaso. Naye n'Abawa Yokaana nga eky'okulabirako. Yokaana teyali Malaki 4. Yokaana yali Malaki 3, “Laba, ntuma omubaka mu maaso Gange, alongoose ekkubo.”

89 Malaki 4, Yagamba nti, “Olunaku lwa Mukama olukulu era olw'entiisa bwe luliba terunnatuuka, ensi yonna lw'eryokebwa nga ebisasiro; olunaku olwo bwe luliba terunatuuka, Ndituma Eriya.”

90 Era oyo teyali Yokaana, kubanga Yokaana bwe yajja Mukama teyayokya nsi. Era bwe weetegereza, ne mu ssuula esembayo, mu lunyiriri olusembayo, Yagamba nti, “Era a. . . ” (weetegereze: *ye* bw'alyogera) “. . . alikyusa emitima gya bakitaabwe okugizza eri abaana, *wamu* n'emitima gy'abaana okugizza eri bakitaabwe.”

91 Kaakati mulabeeyo! Yokaana eyasooka yajja, Eriya eyasooka, yakola ki? Yajja n'aleeta Obubaka n'akyusa emitima emikalubo egy'abo abaali abakuukutivu mu nzikiriza zaabwe ez'edda n'agizza eri okukkiriza kw'ekkanisa ento, abaana. Naye Eriya addako bw'ajja, mu biseera eby'enkomerero, wa kuddayo akyuse e—emitima gya ba taata. . . manya, emitima gy'abaana, agikyuse eri Okukkiriza kwa bakitaffe abapentekoote. Enjawulo mugiraba? Tajja kubeera nga bano *be-tulaba* ensangi zino, ajja kuddayo wali wennyini mu Bikolwa by'Abatume 2 atandikire awo. Ajja kubuulira Enjiri etajunguluddwa, ayogere ebintu bye bimu Peetero bye yayogera ku Lunaku lwa Pentekoote, kubanga bye yayogera ku Pentekoote bikakasizza Ebyawandiikibwa ebirala byonna. Eriya bw'anajja, tajja kudda awo kwekkiririnya na kibiina kyonna. Ajja kukyawa abakazi nga Eriya bwe yabakyawa, nga. . . manya abakazi aboonoonefu, nga Yokaana bwe yabakyawa. Ajja kuba ayagala obulamu obw'okubeera ku ttale nga ne bali bwe baali. Tajja kutaliza muntu yenna. Tumulindiridde okujja. Ajja kujja! Katonda yagamba ajja kujja, era ajja kuba wano!

92 Nzikiriza, bwe wabaawo ekintu kyonna, Obubaka bwe tulina leero bujja kukulembera okujja kwe okwo okukulu. Yee, ssebo! Ali mu kkubo ajja, yazaaalibwa dda. Nga Eriya bwe yali, bwe yajja nga awulugumira mu ddungu, n'ono ajja kubaako we yeeyolekera. Ajja kubuulira Ebikolwa by'Abatume 2. Ajja

kukomyawo Okukkiriza kwa bakitaffe bano Abapentekoote ab'edda eri. . .okukkiriza kw'abaana bano Abapentekoote, akuzzeeyo eri Okukkiriza kwa bakitaffe Abapentekoote. Ajja kuddirayo ddala, mu Ebikolwa by'Abatume 2, Ebikolwa by'Abatume 2:38, okutuukira gy'ekoma. Ajja kuleeta Enjiri yennyini, eyannamaddala etajunguluddwa. Tajja kubeera na kakwate konna na Yezeberi n'enkola ye. Ajja kubeera muweereza wa Katonda. Mazima ddala bw'ajja okuba! Bayibuli egamba nti ajja kujja. Ajja kulagula era ayasanguze Obubaka bwe mu maaso ga ba Yezeberi bano, mu ngeri y'emu ddala nga Eriya bwe yakola ku lubereberye eri Isiraeri. Bajja kumukyawa! Tebajja kukolagana naye. Nedda, nedda. Ajja kujja! Katonda yamusuubiza, era ajja kugolokoka. Ajja—ajja kubuulira eri Ekkanisa ey'Abalonde nga bwe Kyasuubizibwa, ajja kunyeenya Omulonde oyo, amuggyemu eby'ensi byonna, e—ensi n'ebirala, abimukunkumulemu, abiyiwe wansi, akuŋŋaanye wamu Ekkanisa, abantu.

93 Nkimanyi ogamba nti, "Ekyo kye kibiina ky'eddini yange." Ow'oluganda, oli mukyamu! Yokaana yajjira mu nkola ya muntu omu okwanjula Omuntu Omu: Yesu Kristo. Ne Eriya tajja kuba nkola ya buntu, ajja kuba muntu, bw'atyo Yesu bwe yagamba. Ajja kuba muntu omu afukiddwaako amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu. Era tajja kwanjula bakatonda basatu oba bana, ajja kwanjula Omu: Mukama waffe Yesu Kristo, kubanga Obubaka bwe bujja kunyeenya abaana Abapentekoote bubazzeeyo ku Kukkiriza kwa bakitaabwe nate.

94 Mujjukire, ab'oluganda, ebintu bino bwe mba mbyogera kuwulikika bubi, nneetaaga kubeera ku wolutaali. Mbabuulira, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!" Katonda bw'aba takikakasizza nti ge mbabuulira ge Mazima, mu ggwanga lyonna, ne mu nsi yonna, kale mumbuulire awaali ensobi. Mbabuulira Mazima! Mukomewo mangu, eri Katonda! Mufulume enkola zino ez'obuntu, kubanga Bayibuli egamba mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, nti obukulembeze bw'ekereziya Katolika obw'emitendera ye "mukazi omwenzi," era ye "nnyina w'abenzi." Ekyo kitegeeza ki? Makanisa, nkola za buntu.

95 Era ekkanisa y'Abamesodisiti, ekkanisa y'Abaluzalaani, zaava wa? Abamesodisiti, Ababaputisiti, ebibiina ebyo byonna byava wa? Katonda takolangako kkanisa ya kibiina kya ddiini. Ab'ekereziya Katolika bagamba mbu baatandika emabega eri mbu "Yesu ye yatandikawo ekereziya." Njagala—njagala ondage olupapula mu byafaayo, manya olupapula mu Bayibuli olwogera ekyo. Tewaaliwo kibiina kigunje kyonna okumala emyaka ebikumi bisatu mu mukaaga oluvannyuma lw'okufa kw'omutume eyasembayo okufa, baakola Akakiiko k'e Nikeya ne bagunjaawo ekibiina. Era Luther bwe yafulumayo. . .yali musajja wa Katonda ow'amaanyi, naye olwali okubaawukanako, akabiina k'abantu

ako akatono kaagenda mu maaso ne kagunjaawo ekibiina. Ekyo bwe baakikola Omwoyo Omutukuvu n'akka ku John Wesley, teyagunjaawo kibiina kyonna, naye bwe yavaawo ne bagunjaawo ekibiina. Awo Omwoyo Omutukuvu n'akka mu Bapentekoote, ne beeyawula ku Bamesodisiti. Era kiki ekyaddirira? *Nabo* ne bagunjaawo ekibiina.

96 Naye wajja kubaawo enkola nga ya muntu-omu bw'ati ajja okujja nga alina amaanyi n'amafuta ga Eriya, okutuukiriza obunabbi. Aleruuya! Ajja kukinyeenya. Era, mujjukire nti, yalagula gye bali, n'alagula, n'abagamba ebintu byonna, era Katonda yakolera wamu naye. Naye Obubaka bwe obwasembayo bwalumba Maka ga Mukulembeze wa ggwanga. Uh-huh. Yokaana bwe yajja, Obubaka bwe obwasembayo bwalumba Maka ga Mukulembeze wa ggwanga ow'ekiseera ekyo. Obubaka bw'Eriya obwasembayo, bwe yali atambula mu luguudo olwo ku olwo ku makya oluvannyuma lw'okubeera mu Kubeerawo kwa Katonda erudda eri, yatambula mu luguudo olwo nga yenna ajjudde ebyoya bimukaddiyidde ku mubiri gwe, nga ekiwalaata kye kyakayaakana, nga ebirevu empewo bw'ebifuuwa, nga amaaso ge, bwe gatemagana olw'ekitiibwa kya Katonda. Nga akutte omuggo ogwo mu mukono gwe, nga ebigere bye biggumivu bulungi. Akola ki? Yatambula butereevu n'ava e Samaliya n'ayingira mu Maka g'Omukulembeze w'eggwanga, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!" Nga tatya kintu kyonna. Amakanisa gaali gamwesambye, abantu nga bamwesambye, era kati yali akola olulumba lwe olusembayo, ku Maka g'Omukulembeze w'eggwanga.

97 Okuva awo kiki ekyaddirira? Muwulirize! Oluvannyuma lw'olulumba olwo, eddoboozi lye teryaddamu kuwulirwa, tewali muntu yenna yaddamu kumuwuliza. Katonda yamuggyawo, yamugamba nti, "Eriya, Isiraeri yonna ogitegeezezza Obubaka bwo, babumanyi. Kaakano jangu eno mu ddungu, baveemu, weeyawule kubanga waliwo kye ŋŋenda okukola. Ŋŋenda kubalaga kye kitegeeza okugaana Obubaka Bwange." Kiki ekyaddirira? Lutalo, njala, kubulwa mmere.

98 BW'ATI BW'AYOGERA OMWOYO OMUTUKUVU, "Mwetegereze ebigenda okujja! Mwetegereze ebigenda okuddirira! Waaliwo enjala, *wajja kubaawo* enjala!" O, ob'olyawo t'ebeere ya mmere, naye ey'okuwulira Ekigambo kya Katonda n'Amazima Ge. Amakanisa gonna gajja kufuuka ga kinywi era gagende mu maaso n'omugendo ogwo bwe gatyo, era nga bwe gwamala edda okugamira.

99 Eriya yakola ki? Alina gye yazuula akagga akaali awantu aweekusifu, waggulu eyo mu nsozi gye yafuna Amazzi ag'Obulamu, n'afuna okubikkulirwa okuva eri Katonda bwe yali atudde waggulu eyo wansi w'amaanyi ga Katonda. Nga okubikkulirwa okwo kaali kagga akatono akaali awantu

aweekusifu, abalala bonna enjala bwe yali ebatta. Era Katonda awe omukisa abaddu Be (bannamuŋŋoona abo), baamuleetera eky'okulya bwe yali yeeyawudde ku bantu. Era baali ky'emmanga eyo nga balumwa enjala baagala kudda buggya nga byonna bwe bigenda mu maaso. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] "Tetukyawulira nkuŋŋaana ze za kudda buggya. . . Ali ludda wa nnamukadde oyo eyeeyitiriza abaddenga avumirira ebibiina byaffe? Kati ali ludda wa?" Baali tebamanyi. Yeeyawula n'abeera yekka ne Katonda, mu kifo ekyekusifu gye batasobola kuwulirira ddoboozi lye. Olwo ne batandika okulaba.

100 Katonda bw'asindika Obubaka n'agamba abantu, naye Obubaka obwo ne batabwaniriza, Aggyawo omuweereza We n'atuma ebibonyobonyo Bye: enjala, okufa (mu mwoyo, ne mu mubiri). Ggwe linda akatuubagiro k'ebyenfuna by'eggwanga, ow'oluganda. Mulowooza mulina kye mwalabye, mulindeeko katono. Temulina kye mwalabye. Mulowooza enjala y'okudda obuggya okulungi okw'omwoyo ejula okubatta, mulindeeko katono. Mulinde mulabe, mujja kuyaayaana era mukaabirire okuwulira Ekigambo kya Katonda. Bayibuli bw'egamba! "Walibaawo enjala mu nnaku ez'oluvannyuma," bw'agamba nnabbi, "eteri njala ya mmere na mazzi byokka, wabula enjala ey'okuwulira Ekigambo kya Katonda eky'amazima." Naye eddoboozi eryo liriba lisirise, nga liriko awantu awamu mu ddungu eyo gye liri, nga lyekwese.

101 Yateekateeka bannamuŋŋoona, abaweereza Be. Biweebwe omukisa ebinyonyi ebyo, abaweereza Be, abaakuuma eddoboozi lya—lya Eriya nga ddamu mu kiseera kye—eky'okweyawula ku kkanisa. Bannamuŋŋoona baamuleetera ennyama n'omugaati ku makya, n'ennyama n'omugaati akawungeezi, n'anywa okuva ku kagga nga abasigadde bali mmanga eri tebalina mmere ya mwoyo na mazzi.

102 Kati olunaku lumu, ekibi bwe kyamaliriza omulimu gwakyo, nga ne Katonda afukamizza abantu Be ku maviivi gaabwe. . . Buli kimu kyonna Yezeberi yakitwala, yatwalira ddala buli kimu, era ajja kuddamu akikole! Ekyo kiri BW'ETYO BW'EYOGERA BAYIBULI YA KATONDA ENTUKUVU, "Ajja kuddamu akikole." We twogerera ali ku ntebe ey'obufuzi, nga ali emabega w'omukulembeza azinira ku ntoli ze; nga bw'akinyoolanyoola mu buli ngeri yonna nga bw'ayagala, tewali muntu n'omu agenda kumuziyiza. Mazima ddala, tewali agenda kumuziyiza kati, kubanga kye bataasobola kufuna mu bibiina by'amadiini baakisala—baakisalako kyonna ne bakiteeka mu by'obufuzi, ne bakikolera omwo. Uh-huh, ky'ekyo kyennyini kye baakola. Nga, eky'eby'obufuzi kulibeera kuwera buwezi ekirikomekkereza mu kabonero k'ensolo kennyini, nga ekyo kikakafu ddala nga bwe nnyimiridde wano, mukiraba, nga Bayibuli bw'egamba.

103 Nkimanyi obudde buyise, ŋŋenda kwanguwako. Njagala ntuuke ku kigambo kino ekisembayo, Mukama bw'anaaba anzikirizza.

104 Mwetegereze! Eriya yasigalayo waggulu eyo okutuusa Katonda lwe yamuggyawo. Teyategeka nkuŋŋaana za kudda buggya. Teyabuulira kuvumirira kintu kyonna. Yayimirira buyimirizi waggulu eyo ne Katonda yekka, eyo mu ddungu, kubanga yali musajja wa mu ddungu. Yakulira mu ddungu. Ne Yokaana naye yakulira mu ddungu.

105 Yagenda n'abeera yekka eyo mu ddungu ne Katonda, yeeyawula ku kkanisa oluvannyuma lw'okubuulira Obubaka bwe. Era Obubaka obwo ekkanisa yabugaana, n'ebugaana. Era ku nkomerero ebibiina tebyalina kirala kya kukola, kale yalina okuvaayo. Katonda yamuyita n'amuggyawo, n'amutwala mu ddungu, n'amugamba nti, "Vvaayo jangu eno, tebagenda kuddamu kuwuliriza. Vvaayo, ndyoke mbasindikire omusango Gwange." Ha, weewaawo, ajja kuba wano olumu ku nnaku zino, mmwe mulinde.

106 Kaakati, oluvannyuma lw'ennaku z'obunnabbi bwe, kiki ekyabaawo? Ekkanisa yanafuwa, olw'entiisa ya Yezeberi ey'amaanyi, bonna yabafufuggaza, bonna n'abavaabira. Yabawamba, n'asimba ebibira eby'okusamiriramu n'ebintu ebirala.

107 Naye, lumu, Katonda yaddamu n'amuyita avveeyo! N'avaayo. Kati muwulirize n'obwegendereza, ate temunnyigira. Ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA!" Bwe yavaayo, kiki Katonda kye yakola? Yamusindika eri omukazi nnamwandu. Omukazi oyo lumu yalina o—obuyinza bw'omusajja eyali amufuga, naye omusajja oyo yalina okufa omukazi asobole okubeera n'eddembe okukkiriza Ekigambo kya nnabbi. Ekyo mubadde mukimanyi? Yalina omwami eyamuluŋŋamyanga okumutwala eno n'eri, mu limu ku matendekero ge baalina erudda eyo. Naye mu kiseera kino eky'ekyeya eky'amaanyi, omusajja yali yamiribwa, okufa kwali kwamutwala. Omukazi yali takyasibiddwa kibiina kya ddiini kyonna, kale kati yali mwetegefu okuwulira Ekigambo kya Mukama. Omukazi, ekitegeeza Ekkanisa; nnamwandu, nga bbaawe (ekibiina ekigunje) yali afudde, era yali alowooza nti kyenkana alekeddwa yekka. Naye Katonda n'amugamba nti, "Kaakano genda gy'ali, ajja kukuwuliriza, mmulagidde."

108 O, oluusi tugenda ne tulowooza, mmwe akabinja akatono abeesigwa ennyo era abakola buli kimu kyonna kye musobola okubeera n'olukuŋŋaana, okugezaako okulaga abantu nti omutima gwammwe mugolokofu era nabo mwagala babeere bagolokofu, mulowooza musanga ekiseera ekizibu. Naye, mujjukire nti, Katonda abataddeko eriiso Lye! Mumwagala, nkimanyi mumwagala, temwandibadde nga mutudde wano,

temwandizze mu kintu bwe kiti. Katonda abataddeko eriiso Lye. Weewaawo!

109 Era bwe yafa, omwami we yali afudde, ekibiina kye kyali kifudde, kale kati nga mwetegefu okuwulira Ekigambo kya nnabbi. Bw'atyo nnabbi bwe yajja ku wankaaki n'amusaba o—otuzzi, yagenda atuleete. Kye yava amugamba nti, "Ndeetera akamere."

110 Omukazi n'akyuka n'amugamba nti, "Nga Mukama bw'ali omulamu, ssirina kye nnina okuggyako akatumala."

111 Kati, kirabika nga nnabbi eyali atumiddwa okumutwalako akatono ke yali asigazza, naye ate tulaba nga nnamwandu ye yafunamu okuva eri nnabbi. Bwe yasalawo okuwaayo kye yalina okuwagira Ekigambo, Katonda yamuliisa. Naawe bw'oneewaayo okuwaayo Omwoyo gw'olina, Omwoyo Katonda gw'akuwadde okuwagira Ekigambo, Katonda ajja kkukuuma nga oli mulamu. Aleruuya! O, ekitiibwa kibe eri Katonda! Mukiraba, kkanisa? Temulowooza nti sitegeera, ntegeera. Naye ekyo ky'olina, okukkiriza okutono okwo kw'olina mu Katonda, okukkiriza okwo kw'olina, kuteeke mu Kigambo, si mu kibiina kya ddiini! Kuteeke mu Kigambo kya Katonda, Ajja kukukuuma nga oli mulamu.

112 Mu kaseera ako omukazi ono yali mwetegefu okukikola, kubanga mu kusooka teyali mwetegefu kukikola, kubanga baali tebayinza kumukkiriza. Naye kati mwetegefu. Anaakisembeza? Katonda yatuma nnabbi okuggya gy'ali. Anaasembeza Ekigambo kye? Anaasembeza nnabbi ono? Weewaawo, yamusembeza. Nnabbi kye yava amugamba, nti, "Kaakati, obulamu obutono bw'osigazza, buteeke muno, akamere ako sooka okandeetere." Era kiki ekyabaawo? Abasigadde bonna bwe baali mu kuyagga nga bafa enjala, omukazi ono n'abaana be n'ab'omu nnyumba ye bonna baali balya ebijjulo bisatu ebirungi buli lunaku, okubikkulirwa okuva eri Katonda okw'Ekigambo. Ka nsuubire mukiraba, ab'emikwano.

113 Kiki ekyaddirira? Yasigalayo okutuusa enjala lwe yaggwaawo, nga abeera n'omukazi ono (Ekkanisa eno) eyamusembeza era eyakkiriza Ekigambo kye. N'amukuuma nga mulamu (yakuuma Ekkanisa nga nnamu) olw'Ekigambo kya Mukama, kubanga yagamba nti "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA."

114 Kati tetulina budde bumala kumalayo mboozi eyo yonna, mumanyi, bwe yalina okwolekanya obwanga ne Bayaali. Ajja kukikola olumu ku nnaku zino, temufaayo. Bw'anaafubutuka mu ddungu eyo, mujja kulaba ekinaabaawo.

115 Kiki ekyaddirira? Kati bambi, muzeeyi Eriya, nnabbi, omuweereza wa Katonda omutuufu, bwe yatuuka ku nkomerero y'olugendo lwe, Katonda, lumu yamugamba, nti, "Eriya, kati obuulidde ekimala. Kati olwanye ekimala nga olwanyisa

Yezeberi n'okwewunda kwe na buli kimu." N'amugamba nti, "Jangu emmanga ku Yoludaani!" Wuuyo n'atambula, n'aserengeta ku Yoludaani. Era tulengera omugga ogwo ogw'amazzi agalimu ettosi nga gakulukuta, nga gannyogoga, galimu omuzira, nga omugga ogwo buli muntu gw'alina okweŋŋanga: Yoludaani, okufa.

116 Naye omuweereza wa Katonda ono ow'amaanyi bwe yatuuka ku Yoludaani, nga atambula wamu n'omwana we nga amuli ku lusegere, omwana we mu Njiri, . . . O, weewaawo, yali mwana we, "Kitange, kitange, amagaali ga Isiraeri, n'abagoba baago." Ye n'omwana we bwe baali batambulira wamu nga bakwataganye emikono, nga baserengeta okugenda ku Yoludaani, yali yeetegereza kitaawe nga agenda ku olwo ku makya.

117 Bwe yatuuka ku Yoludaani, n'akwata omunagiro ogwo ogwalimu amaanyi n'agujja ku bibegabega bye, n'agamba nti, "Ggwe kufa, tolina ky'osobola kunkola." N'agukuba ku Yoludaani n'agamba nti, "Nviira, nsomoke ŋŋende enkya ya leero." Kiki ekyaddirira? Yoludaani yeeyawulamu n'akala n'aba nga ensaano. Nnabbi oyo ow'edda kiki kye yali akola? Yali alengera emitala wa Yoludaani, yali akimanyi nti waaliwo eggaali emulindiridde emitala wamu n'embalaasi. Yali agenda waka, omulimu gwe gwali guwedde. Omwana we mu Njiri ye yali agenda okudda mu kifo kye.

118 Luli nnali nkomawo eka nga nva mu Bugwanjuba. Kino kyakanzijira mu birowoozo byange. Nnateekako leediyo (Nnalina okuvuga okumala ennaku ssatu, mayiro enkumi bbiri mu bina, nzekka). Nnateekako leediyo ne . . . ne mpuliriza ennyimba z'eddiini ezeekuusa ku buddu bw'abaddugavu mu kibuga Del Rio, mu Texas. Waaliwo omusajja eyayogera ku musajja omukadde, omuddugavu, omunigulo. Yali agenda kufa era yalina okuserengeta emmanga ku mugga, n'agamba nti, "Siripa eza zaabu ze ndyambala, okutambulira ku nguudo eza zaabu." Nnamukadde ono omuddugavu yali abuulidde obulamu bwe bwonna era ekintu kyokka kye yali ayinza okulowoozaako ekyamuwummuzanga ebirowoozo, kye yalina, yali ndongo ye eyali ku kisenge. Yatuulanga ku ndiboota za ppamba n'akuba ennyimba, n'awummuza ku birowoozo nga avudde mu kuweereza, nga bw'asuna endongo ye eyo. Y'engeri gye yalina, ey'okuwummuza ku birowoozo. Yagamba nti embalaasi ey'omukira omumpi gye yateranga okwebagala eribaayo emmanga eyo wamu n'eggaali. Nnali mbirowoozaako. Yagamba nti, "Siripa ezo eza zaabu ze ndyambala, okutambulira ku nguudo eza zaabu."

119 Era bwe yamaliriza okuyimba, ne nzigyako leediyo. Era nnali ŋŋenda nvuga, nga nkutte siteeringi. "O, ekyo kituufu. Akaseera ako nange nteekwa okukatuukamu. Kiki ekimpummuza? Nzigya wa okuwummuzibwa ebirowoozo bwe

mbeera mu ddungu?" Nnina emmundu, enkadde eyitibwa. . . Ngikozesa okuyigga mu kiseera awo nga omwaka guggwaako. Ekika kya .270, modulo 721, Remington. Waliwo omusajja, ow'oluganda, eyagimpa, mu California, emyaka mingi egiyise. Ngiyiggisizza okumala emyaka n'emyaka. Nga. . . nga empumuzzanga ebirowoozo, kubanga nki—nkimanyi nti mmundu ekuba obulungi ssabbaawa, era y'empumuza bwe mbeera mu ddungu.

120 Bwe nnava awo ne ndowooza ku kwolesebwa kwange kwe nnafuna. Bwe nnatuukayo ne ndaba abantu bange bonna, nnawulira eddoboozi ly'embalaasi, ŋŋenda okwetegereza nga ndaba embalaasi yange eyali eyitibwa Prince (embalaasi yange gye nnateranga okwebagala) n'ewummuza omutwe gwayo ku kibegabega kyange. Muli ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, lumu ku makya gano nange nja kuserengeta ŋŋende, ku Yoludaani." Era emmundu eyo ey'ekika kya .270 gye nnateranga. . . ewanikiddwa ku kisenge. Mbadde sinnagikwatako okuva ku nkomerero y'omwaka oguwedde. "Embalaasi eyo gye nnateranga okwebagala, Katonda aligisiba ku ggaali lyange, ku olwo ku makya bwe ndituuka emmanga eyo ku mugga." Eriba eyimiridde awo emitala ku mugga. Katonda ajja kugisindika, nnagiraba ekiro kya luli. Eriba esibiddwa ku ggali lyange, lumu ku makya gano. Nsimbule ŋŋende, nnyambuke okuyita mu bire.

Tusabe.

121 O, eri amaanyi ga Katonda ago ge ŋŋenda okunyumirwa bwe nditambulira mu nguudo ezo eza zaabu! Weewaawo, emmundu eyo kaakano ewanikiddwa ku kisenge, eriba tekyalina mugaso. Simanyi, oba nga eggaali yange bw'erijja, oba embalaasi yange gye nnateranga okwebagala gye nnalaba mu kwolesebwa eriba esibiddwa ku ggaali yange, ku makya ago, nga eyimiridde emmanga ku mugga. Ka nsuubire nti eribaako. Njagala nsitulibwe ntwalibwe. Njagala n'Ekkanisa esitulibwe etwalibwe bw'etyo, njagala buli omu ku mmwe.

122 Wandyagadde okumanya ddi lw'oliserengeta emmanga ku Yoludaani? Onaayabulira enkola z'ensi eno zino ezitali za Katonda n'osembeza Yesu Kristo nga Omulokozi wo? Bw'oba toli Mukristaayo, osobola okuyimusa emikono gyo n'ogamba nti, "Nsabira, Ow'oluganda Branham. Bwe nnaatuuka ku Yoludaani,. . . "? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. "Bwe nnaatuuka ku Yoludaani, njagala nkwate amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu ge ndiba nago ngakube ku mazzi ago agannyogoga, nsomoke."

123 Oyinza otya okutuula wansi w'okubuulira bwe kuti, n'amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu, nga okimanyi bulungi nti Omwoyo Omutukuvu aŋŋamba embeera yo, n'olemererwa okuyimusa omukono gwo? Kiraga nti ekiseera kituuse eky'olugendo olw'okugenda mu ddungu! Waliyo omulala yenna

nga tetunnasaba, waliyo omulala? Waliwo babiri abayimusizza emikono gyabwe; basatu, Katonda akuwe omukisa, mutabani.

124 Kitaffe ow'omu Ggulu! Basatu; ekyo kiriba kiyitirivu nnyo, Mukama, bwe—bwe baliba nga be bokka abalibaayo ku lunaku luli. Nsaba babeereyo, ayi Mukama. Baayimusizza emikono gyabwe kubanga bamatidde nti enkola zino ez'ensi ziri mu kufa, era amaloboozi g'Ekigambo kya Katonda mu kiseera ekitali kya wala kijja kuba kizibu okugafuna, Katonda ajja kugaggyawo mu kkanisa. Eddoboozi ly'omwanguka, eddoboozi ly'Omugole omusajja mu kiseera ekitali kya wala ligenda kuvaawo era enkola ya Yezeberi ejja kulisirisa. Naye baagala bafune. . . babeere ku mabbali g'akagga kali akakisiddwa nga Eriya we yalina okuba okusobola okukuumibwa okuyita mu kiseera eky'enjala. Ayi Katonda, bawe Omwoyo Omutukuvu kaakano, jjuza emitima gyabwe n'essanyu wamu n'emirembe, era oteeke ebirowoozo byabwe ku Kigambo kya Katonda basobole okubeera abalamu kaakano n'oluvannyuma lwa wano, emirembe n'emirembe. Bawe omukisa, ayi Kitaffe. Babo, okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe.

Nga tukotese emitwe gyaffe:

125 Abo abaayimusizza emikono gyabwe abaagala okukkiriza Kristo, musobola okuyimirira ku bigere byammwe, mu kaseera katono, nga bwe mbasabira? Muyimirire ku bigere byammwe.

126 Ayi Katonda, ddala nnemereddwa? N'abasatu abaayimusizza emikono gyabwe, tebalina kulumirizibwa kusobola kuyimirira ku bigere byabwe kukkiriza kintu kyennyini kye bakoze. Mukama Yesu, byonna mbiwaayo mu mikono Gyo. Mbuulidde Ekigambo Kyo, era ssekkiriranyizza ku kintu kyonna. Kaakano e—ebisigadde mbibalekedde, ayi Kitaffe. Ggwe kola kyonna ky'olaba ekisaanidde eri ekkanisa n'omuweereza Wo, byonna biri mu mikono Gyo.

127 Kitaffe, nkusaba Olokole abaabula, emitima egirumwa enjala ogijjuze n'ebintu ebirungi, owe Obulamu Obutaggwawo eri abo abalumwa ennyonta, Oyimuse abaweereza Bo basobole okulangirira Obubaka, owonye abalwadde n'abanyigirizibwa, Weetwalire ekitiibwa, kubanga nneewaayo wamu n'Ekigambo Kyo. Era wandiika amateeka Go, mu mukono gwange, ne mu mutima gwange, ne mu birowoozo byange, okuyita mu Yesu Kristo Mukama waffe. Amiina.

> Bwe ndituuka ku mugga ku nkomerero y'olunaku,

Ekyo ssi ky'ekitundu kye njagala okuyimba.

> Nga kirabika nga mikwano gyange gyonna abagenze;
> Walibaayo aliba Annindiridde alindaga ekkubo,
> Ssirisomoka Yoludaani nzekka.

128 Wagabye kaadi z'ab'okusabirwa, Bill? mpulira obuzito. Leero wagabye ziruwa? Eziriko ennyukuta B? Wagabye n'eziriko ennyukuta A, si bwe kiri? Kale, sooka oyite abalina eziriko ennyukuta B, emu okutuuka ku . . . Alina kaadi y'ab'okusabirwa eriko ennyukuta B, nnamba emu. Tugenda kusabira obulwadde bwo. B, nnamba emu, ani agirina? Kaadi y'ab'okusabirwa eriko ennyukuta B, nnamba emu, waliwo omuntu emabega eri awasemba. Jangu wano, nnyabo. B, nnamba bbiri, yimusa omukono gwo. Ye mukyala oyo? Nnamba ssatu. B, nnamba ssatu, osobola okuyimusa omukono gwo bambi, nsobole okulaba w'oli. Ssatu? Nnamba nnya, B, nnamba nnya. B, nnamba ttaano. Osobola okuyimusa omukono gwo bambi? B, nnamba ttaano. Ye musajja oyo? Kale, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, kkumi n'emu, kkumi na bbiri, kkumi na ssatu, kkumi na nnya, kkumi na ttaano. Kale, tukole bwe tuti, leka abo bonna abalina kaadi eriko ennyukuta B, bonna bayimirire. Tu . . .

Ekyo . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . bagenda mu nsi yonna, buli muminsani mu njiri ey'ebweru, yonna gye basobola okugenda.

129 Mwenna abalina kaadi z'ab'okusabirwa eziriko ennyukuta B muyimirire mufune ebifo byammwe okusinziira ku nnamba zammwe.

Kati, ziriwa ezaabadde ziddako? Z'eziriko ennyukuta A? Ani alina kaadi y'ab'okusabirwa eriko ennyukuta A, nnamba emu? A, nnamba emu, eri ludda wa? Mazima ddala erina weeri wano. A, nnamba emu? Waakayitawo ennaku nga bbiri, oba ssatu kasookedde bazigaba, kale alina kaadi eyo yandiba nga taliiwo. Mwenna abalina kaadi z'ab'okusabirwa eziriko ennyukuta A, kati mmwe musimbe wano eno. Mugende wali okuliraana ekisenge, mu bwetoowaze.

130 Njagala kwogerako nammwe abatalina kaadi za baakusabirwa, mu kaseera katono nga olunyiriri terunnatandika.

131 Kati, ggwe alina kaadi yo ey'okusabirwa, gikwate mu ngalo abalenzi basobole okufuna kaadi yo ey'okusabirwa. Obadde olindiridde, wazze bukyali kawungeezi osobole okufuna kaadi yo ey'okusabirwa, kale olina olukusa okuyingira mu lunyiriri. Nnasuubizza, okubasabira. Kati ŋŋenda kugezaako okutuukiriza ekisuubizo kyange, Katonda nga ye mubeezi wange.

132 Oyo mutabani wo? Mwana alabika obulungi ennyo. Bambi nsonyiwa. Omukazi ono wano kyakulabirako ekirungi ennyo eky'Omumerika yennyini. Katabani ke, kambadde ovulo n'ekkooti ey'obukuubo. Naye mukazi omuto alina enviiri empanvu, ayambadde obulungi. Katonda amuwe omukisa wamu n'amaka ge, n'omwami we, n'abaagalwa be. Ekyo ye Amerika ddala yennyini, ne "Obukristaayo" nga buwandiikiddwa

kungulu. Lubeerera leka eggwanga lyaffe libeerenga bwe lityo! Nsonyiwa, nnyabo, olw'okwogera bwentyo, naye mbadde... njagadde abantu balabe kye ndowooza Omukristaayo bw'alina okuba; talina byakwewunda, kyonna kye mubiyita, wabula mukyala ow'ekitiibwa.

133 Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Sullivan.

134 *Omusawo Omukulu*, bw'oba osobola.

> Omusawo Omukulu kaakano ali kumpi,
> Yesu omusaasizi;

135 Mumukkiriza? Mukkiriza nti Ye Musawo Omukulu? Kaakati mwewombeeke okumala akaseera. Tukyalinayo obudde obutonotono, obubaka mbusazeeko. Naye, ka nsuubire, nti mufunye kye bubadde butegeeza. Kkiriza bukkiriza n'omutima gwo gwonna. Bonna bwe baba bamalirizza okutereera mu lunyiriri, wabeewo omuntu adda emabega wali ayambeko abantu okutereera mu lunyiriri. Kale? Ogambye ki? Kati abo bonna abalina kaadi z'ab'okusabirwa bayimiridde.

136 Nammwe, abali eyo, abatalina kaadi za baakusabirwa mukkiriza? Bw'oba olina okukkiriza, Katonda ajja *kukuyitayo*. Kati, bonna abalina kkaadi z'ab'okusabirwa bali mu lunyiriri.

137 Omuwala oli omuto atudde erudda wali, alina okugulu okulwadde, wano eno ku kino...Okkiriza nti okugulu okwo Katonda anaakuwonya? Bw'oba okikkiriza, beera bubeezi na kukkiriza Katonda ajja kukikuwa.

138 Olowooza taata wo omulwadde anaawonyezebwa? Kkiriza, ojja kukifuna.

139 Ate ggwe ali erudda awo, asabira kizibwe wo atawaanyizibwa embeera y'okweraliikirira? Olowooza Katonda anaamuwonya? Nnyabo, atudde erudda awo, bw'oba okikkiriza, osobola okukifuna.

140 Mwenna munakkiriza?

141 Kati njagala...Bameka ku baganda bange abali wano, ababuulizi b'Enjiri, ababuulizi b'Enjiri Enzijuvu oba kyonna kye bali, abakkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda? Muyimuse emikono gyammwe. Nnandyagadde mujje wano munnyambeko okusabira abantu bano, abantu basobole okukiraba nti si nze nzekka asabira abantu, naye nammwe musobola okubasabira. Mujje muyimirire nange wano ku kituuti. Munaakikola, ab'oluganda, mmwe abaweereza? Mujje wano eno muyimirire wamu nange ku kituuti. Ekyo kirungi. Mwebale, ab'oluganda. Mwebale. Musembere wano wennyini, ab'oluganda, mujje.

142 Ogambye ki? [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Wano tusobola okukolawo ennyiriri bbiri?"—Omuk.] Weewaawo, musobola. Mukoleewo ennyiriri bbiri wano eno, tekirina buzibu. Ekyo kirungi. Kati kyuka erudda eno, ow'oluganda.

Kyuka erudda eno, abantu ŋŋenda kubayisa wano wennyini. Kati abamu ku mmwe mudde wano eno ku mabbali gange, wano eno bwe wati, bwe muba musobola, muyimirire ku ludda luno wano. Ky'ekyo.

143 Kaakati, eri ekibiina, abasajja bano abalungi mubalaba? Basajja abajja okuyimirira wano, bayimirire ku lw'Enjiri eno yennyini gye mbuulira. Mukiraba? Bajja wano kubanga bagikkiririzaamu. Kati osaanye okwenyumiririza mu musumba wo asobola okwewaayo n'ayimirira ku kituuti kino wano awali okubuulira okukalubo, era okukakali. Bano basajja abalina okubikkulirwa, abakimanyi nti . . . sirina buzibu na bantu, oluusi twesanga nga twawambira mu nkola ezitufuula . . . Enkola ezo ze tuvumirira; wabula si bantu, abaweereza ba Katonda.

144 Kati, singa tuba ba kubeera na kutegeera byama biri mu bulamu bwa buli omu, mulowooza wano nnaamalawo bbanga lyenkana wa? Nnandizirise nga nnaakakola ku . . . oluvannyuma lw'abantu nga mukaaga, oba bataano, oba mukaaga, oba kkumi; oba abasinga ku abo katono, ob'olyawo kimu kya kubiri, oba kimu kyakuna eky'olunyiriri, nnandibadde sikyasobola kweyongera mu maaso, abasigadde tebandisabiddwa. Ekyo tetusobola kukikola. Era nga bwe ki . . . naye ekyo teweetaaga kukikola. Ekikutawaanya okimanyi. Kye wakola okimanyi, kaakati yatula bwatuzi ebibi byo. Bwe wabaawo omuntu yenna ku mmwe alina okubuusabuusa kwonna mu mutima gwe, kuggyeewo mu kaseera kano ogambe Katonda akusonyiwe. Bw'oba toteredde na Katonda, gamba Katonda akusonyiwe. Bw'otakikola, ate nga toteredde na Katonda, tekirina kye kigenda kukugasa n'akatono okujja wano. Ojja kuba omala biseera byo. Bwe kiri. Kati, ekyo kituufu, ab'oluganda? Bwe kiri.

145 Mulabeeyo wano. Ow'oluganda Kidd wuuno ayimiridde wano. Kaabula kata njabye emipiira gy'emmotoka yange nga ŋŋenda gy'ali, omwaka nga gumu oba ebiri egiyise, oku . . . Kookolo yali agenda kumutta, nga agenda kufa ku olwo. Mukyala we yaŋŋamba nti, "Yanguwako!" N'agamba nti, "Agenda kufa." Bwe nnatuukayo, Mukama n'amuwonya. Era wuuno akyayimiridde. Ndowooza yeyongeddeko n'obuzito *obuwerera ddala* n'ebirala. Omu ku baazirwanako, edda, nga bwe mumumanyi. Oyo ye musajja gwe nnayogerako, emyaka mingi egiyise, eyabuulira; n'anywerera ku Kigambo ekyo, abantu ne bamusekerera. Naye ye ne mukyala we ne baatambulanga ku nguudo z'eggaali y'omukka na buli wamu wonna, n'eyo mu nsozi, ne mu birombe by'amanda ne batalaaga buli wamu wonna, ne basuulibwa mu kkomera, nebirala bye baabakola. Oyo ye musajja alwanye okufuna engule, bw'atyo bw'afaanana.

146 Kaakati, ab'oluganda, njagala okubagamba, mwandiba nga ob'olyawo temulina mwoyo wa kutegeera byama. Ekyo si kikulu, mukiraba, ekyo—ekyo tekyetaagisa. Ekisooka, oli

musajja akkiriza Ekigambo. Muli babuulizi balungi nnyo, n'okunsinga, kubanga nze—si siri na mubuulizi kiri awo. Naye ndi. . .naye mwa—mwafukibwako amafuta, era omuntu yenna eyayitibwa okubuulira Enjiri abeera yayitibwa n'okuwonya abalwadde; ekiragiro eky'awamu kiri nti: "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri buli kitonde. Oyo akkiriza n'abatizibwa alirokoka. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono ku balwadde," n'ebirala, "banaawonanga." Bw'oba wayitibwa okubeera omuweereza, wayitibwa okusabira abalwadde.

147 Era ensonga lwaki kino nkikola njagala ekibiina kino. . . bakitegeere nti tebeetaaga kusooka kulinda muntu ow'enjawulo, Oral Roberts, Tommy Hicks, Tommy Osborn, nange kennyini, omuntu an'ajja okukola olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa. Njagala bakirabe nti muli basajja ba Katonda. Mukiraba? Oli musajja. . .Olina olukusa lwe lumu okuteeka emikono ku muntu yenna nga—nga nze oba omuntu omulala yenna. Kubanga era, ab'oluganda, mwenna mukimanyi, nga—nga abaweereza, nti okukkiriza kwabwe kwe balina mu Katonda kwe kukola omulimu. Si bwe kiri? Ffe tubasabira busabizi.

148 Kaakati oyinza okumbuuza nti, "Ow'oluganda Branham, Omwoyo w'Omwoyo Omutukuvu ali awo naawe?" Mazima ddala. Yee, ssebo!

149 Kaakati, eri mmwe abali mu kibii-. . .mu lunyiriri eyo, bw'oba okkiriza n'omutima gwo gwonna nti Katonda agenda kukuwonya, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nkikkiriza."

150 Kati, jangu wano, leka—leka omukyala ono ajje wano. Sikumanyi, sikulabangako. Omwoyo Omutukuvu singa ambuulira, baganda bange abali wano, abali wano bwe bati, abayimiridde wano okunneetooloola. Ate si ekyo kyokka, baganda bange bali wano, ne Mukama wange ali wano. Era nabo, ye Mukama wabwe. Kati, singa Anambuulira ekikutawaanya, kyonna kye kiri ekikutawaanya, ojja kumanya oba kituufu oba si kituufu. Njagala bali, njagala abali mu kibiina, njagala abantu abali eyo bakirabe nti Omwoyo Omutukuvu ali wano ku kituuti okubikkula ebyo ebikisiddwa, naye ekyo tekiwonya muntu yenna. Naye singa Anaabako ne ky'aŋŋamba ekikukwatako, ky'omanyi obulungi nti sirina kye nkimanyiiko, nga bwe kyali ku mukazi eyali ku luzzi. . .Si nsonga y'emu, wabula ntegeeza omusajja n'omukazi abasisinkanye omulundi ogusookedde ddala. Yesu, yali musajja ali mu myaka egy'omumakkati, ate omukazi ono ob'olyawo yali mukazi muto, ob'olyawo nga ggwe.

151 Era singa Anaaba ayagadde, n'ambuulira ekyakuleese wano, ekikutawaanya, onakkiriza nti alina kuba Mwoyo We y'asobola okukikola? Ekyo mukikkiriza ab'oluganda? Nti Mukama waffe Yesu y'omu ayimiridde wano? Mukikkiriza mmwe ekibiina? Nammwe abali mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa

musobola okukikkiriza, ne mukitegeera nti abasajja bano...? Nnandibadde mbayita bajje wano singa mbadde ndowooza nti te...? Nnandibadde mbuulira bwenti, n'okwogera ebintu bye njogedde, ate ne mpita abasajja abatasaanidde bajje mu maaso? Ekyo siyinza kukikola. Awo nnandibadde nneekuba ndobo nga nnwanyisa ekintu kyennyini kye mbadde nnwanirira. Mukiraba? Mbakkiririzaamu. Nzikiriza nti basajja ba Katonda.

152 Kaakati mulabe oba nga Omwoyo ayimiridde kumpi wano. Njagala kwogerako naawe, ngezaako ku...Oyinza okwebuuza nti, "Kiki ky'okola, Ow'oluganda Branham?" Ekintu kye kimu Yesu kye yakola bwe yagamba omukazi, yamugamba nti, "Ndeetera ku mazzi," Yali agezaako kwogerako naye, asobole okuzuula ekyali kimutawaanya.

153 Ekikutawaanya kweraliikirira, kye kikubonyaabonya. Bwe kiba kituufu, yimusa omukono gwo. Kati, talabika kuba mweraliikirivu, si bwe kiri, ab'oluganda? Talabika kuba mweraliikirivu, naye ekyo kye kimutawaanya. Abadde bw'atyo okumala ebbanga ddene. Lubeerera weeraliikirira ebintu nga tonnabituukako, n'ebirala. Bwe kiri. Ekyo kye kikula kyo, bw'otyo bwe wakolebwa, weeraliikirira; bulijjo obaako ne ky'olowooza nti kigenda kubaawo, naye ne kitabaawo. Ebiseera ebimu ssetaani akugamba nti, "Tekiriimu makulu, wagwa, wasukka olukoloboze." Sisoma birowoozo byo, naye nsoma ebi...Ntegeera bye yayogerako naawe, kubanga ndaba by'ozze olowooza.

154 Kati, Yesu yategeera ebirowoozo byabwe. Si bwe kiri? Kaakati, ekyo kye kibaddewo mu kaseera kano kennyini. Si bwe kiri? Wulira kino, leka mbeeko ne kye nkubuulira, okakase. Oyimiridde wano ku lwa muntu mulala. Bwe kiri. Eyo y'ensonga lwaki oli wano, okiraba, obwedda tonnategeera kye ntegeeza. Kati, singa Mukama anambikkulira ensonga ekuyimirizza wano, ku lw'omuntu omulala, onanzikiriza nti ndi nnabbi We? Oyimiridde wano lwa maama wo. Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekimutawaanya? Kale, alina obulwadde bw'omutima, alina obulwadde bwa puleesa, amayinja mu kalulwe, bye bimutawaanya. Bwe kiri, si kyo? Mukiraba? Kati, oyo Mwoyo Mutukuvu y'abibikudde, si bwe kiri?

155 Kati, waliwo wano ekintu eky'enjawulo ekindiko era ekiri ku b'oluganda bano. Mukiraba? Waliwo ekintu wano, era ekintu ekyo ye Mwoyo Mutukuvu. Kati, mukkirize; mmwe, nga bwe tuyita mu lunyiriri.

Leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tusabira abantu bano.

156 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, abantu bano tugenda kubateekako emikono. Era mbasabira kaakano. Wano wayimiriddewo abaweereza Bo ab'olulyo olulangira, era ffenna tugenda kuteeka emikono ku balwadde, kubanga Wagamba tukikole. Tugenda kukikola mu Linnya lya Yesu Kristo.

Tusaba abantu baleme kuyitawo buyisi, wabula bayitewo nga bawonyezeddwa okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina!

157 Mukama abawe omukisa. Kati musembere kumpi.

Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, wonya . . . Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, wonya muganda wange. Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, wonya mwannyinaze.

158 Kati, musooke—musooke mulindeko! Mukiraba! Ow'oluganda naawe mwannyinaze, lwaki musanyuse omukazi oyo, bw'ategeezeddwa ebimukwatako ebibadde bikisiddwa, ate abalala bwe bazze ne watabaawo kikolebwa? Abantu bayita mu lunyiriri nga bagamba nti, "Kale, nze nga bwe, sitegeezeddwa binkwatako, kyandiba nga, kitegeeza nti sirina kye nfunye." Ekyo tekirina kakwate konna nakyo yadde, Ali wano mu ngeri y'emu. Mukiraba?

159 Bw'ojja okuyita wano, jangu nga emikono gyo ogiyimusizza waggulu, nga ogamba kimu nti, "Weebale, Mukama Yesu. Nkukkiriza nga Omuwonya wange, era okuwonyezebwa kwange ŋŋenda nakwo. Omu ku basajja bano agenda kumbatiza, ŋŋenda kugenda butereevu mu kidiba ky'amazzi mbatizibwe, era nveeyo nga mmanyi nti Wasuubiza nti nnaafuna Omwoyo Omutukuvu."

160 Mukiraba, ki . . . Okutegeera ebikisiddwa kukyaliwo wano. Kukyaliwo wano, mu ngeri y'emu nga . . . Wano, aliwa ku bonna? Omusajja ono wano? Sikumanyi. Si bwe kiri, ssebo? Sikumanyi. Singa . . . singa Katonda anambuulira ekikutawaanya, onakkiriza nti ndi nnabbi We, ndi muweereza We? Ojja kukikkiriza n'omutima gwo gwonna? Kale, ssebo. Weebale, ssebo. Ogwo mwoyo mulungi nnyo, kirungi nnyo ekyo. Kubanga, oyimiridde wano lwa muntu mulala. Bwe kiri. "Muzzukulu wo, alina polio, yagwa jjuuzi n'amenyeka okugulu," ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Si bwe kiri? Ky'ekyo! Kaakano genda nga okkiriza, era ajja kuba bulungi.

161 Kati, mujje nga mukkiriza, buli omu, mujje. [Olunyiriri lw'okusabira abalwadde lutwala eddakiika ssatu n'obutikitiki asatu mu munaana, bingi ku bigambo Ow'oluganda Branham by'ayogera tebivaayo bulungi kutegeerekeka—Omuk.] . . . ? . . .

Kiweebwe omukisa ekyo ekisiba awamu
Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo;
Okussa ekimu okw'abantu ab'endowooza emu
Kulinga kuli okwa Waggulu.

Bwe tubeera wano mu maaso g'Entebe ya Kitaffe,
Tuwaayo okusaba kwaffe n'obumalirivu;
Okutya kwaffe, essuubi lyaffe, ebigendererwa byaffe byonna bye bimu,
Okubudaabudibwa kwaffe n'ebitweraliikiriza.

162 Tuyimiridde nga twetoolodde, abaana ba Katonda, abalema, abazibe b'amaaso, abaagongobala. Abaweereza b'Enjiri, mukimanyi nti tetulina maanyi gawonya. Naye Mukama waffe Yesu Kristo ow'Amaanyi aweereza obubonero buno, era nnenya ssetaani akusibye. Tunenya ssetaani . . .?. . . Tunenya obuzibe bw'amaaso . . .?. . .

163 Mu Linnya lya Yesu Kristo Omwana wa Katonda, tusaba Katonda abawe okukkiriza basobole okukkiriza nti okusaba okw'okukkiriza kuwonyezza abalwadde, era Katonda agenda kubayimusa, baddemu babeere bulungi. Kituwe, ayi Katonda Ayinza byonna, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo.

164 Kaakati, mmwe ab'oluganda muveewo awo . . .?. . .

165 Mmwe abasigadde mwenna mubeere mu kusaba, nga bwe . . . nga ne bano, abaweereza bwe babasabira, kaakano. Leka tusabe, buli omu teeka emikono ku munno.

166 Kitaffe ow'omu Ggulu . . .

Eri mmwe abali eyo mu kibiina abataayingidde mu lunyiriri lwa baakusabirwa, buli omu teeka emikono gyo ku munno kati. Buli omu teeka emikono gyo ku munno.

167 Kitaffe ow'omu Ggulu, tuleeta ekibiina kino gy'Oli nga tuggalawo olukuŋŋaana luno n'enteekateeka eno ey'okubuulira enjiri wansi wa bendera ya Yesu Kristo, oyo Kabona wa Katonda Asinga obukulu eyafukibwako amafuta, Emanweri, ayimiridde, eyazuukira okuva mu bafu, abeera omulamu emirembe gyonna okutwegayiririra; Okubeerawo Kwe okw'amaanyi kaakano kuli naffe, Amaanyi Ge amatukuvu gali ku ffe okutusobozesa okulaba okwolesebwa, okuwa obunnabbi, n'okuteeka emikono ku balwadde. Ekigambo kya Katonda ekitalemererwa tekiyinza kudda gy'Ali nga kyereere. Nnenya buli muzimu ogw'endwadde, buli maanyi ag'ekibi, buli butakkiriza, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka gibune emiwabo gyamuke abantu era babeere bulungi.

168 Wa omukisa baganda bange bano abaweereza, ayi Mukama, nga bwe bakuŋŋaanye n'omutima gumu n'ekigendererwa kimu, wamu n'ekibiina kyonna eky'abakkiriza b'ekkanisa. Ai Katonda Ayinza byonna, eri ekibuga kino eky'amaanyi ekya Middletown, Ohio, weereza okudda obuggya oluvannyuma lwa kino, ayi Mukama, okunaabuna okuva eruuyi okutuuka eruuyi, kuleete okwegatta kw'amagumba, ayi Mukama, n'ebinywa by'omubiri. Era leka amaanyi ga Katonda gayimuse wano ekkanisa ey'amaanyi eri awamu mu kibuga kino enaabuna, nga ekkanisa ey'eky'okulabirako, okwetooloola eggwanga lyonna, abantu basobole okujja mu kibuga kino okulaba amaanyi ga Katonda. Kikkirize, ayi Mukama. Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa, lokola abaabula, Weetwalire ekitiibwa.

169 Kkiriza, obutambaala buno bwonna n'ebiremba bino ebiri wano . . . Nsaba, ayi Mukama, nti Omwoyo Omutukuvu ali ku ffe,

era ali mu kizimbe kino nga atufukako amafuta, leka buli omu ku bo awonyezebwe. Kyawandiikibwa mu Bayibuli nti Isiraeri bwe baali mu kkubo ly'obuvunaanyizibwa bwabwe, mu lugendo lwabwe nga bagenda mu nsi ensuubize, nti Ennyanja Emmyufu yabeekiika mu maaso. Era omu ku bawandiisi yagamba nti, "Katonda yatunula wansi okuyita mu Mpagi eri ey'Omuliro Ennyanja Emmyufu n'etya ne yeesegula, Isiraeri ne bagenda mu nsi ensuubize eyali yabasuubizibwa."

170 Era kaakano, kiri mu Bayibuli, kyawandiikibwa nti, "Okusinga byonna njagala mubeere n'obulamu obweyagaza." N'ebiremba bino bwe binaatuuka ku bantu, Ssetaani baakiise Ennyanja Emmyufu mu maaso gaabwe, nsaba Katonda atunule wansi okuyita mu Musaayi gw'Omwana We, Yesu Kristo, anenye buli ndwadde eri abo abataasobodde kujja wano; era leka endwadde zibaamuke era zitye Ekigambo kya Katonda n'ekisuubizo kya Katonda n'amafuta ga Katonda, era leka abantu basomoke bayingire mu kisuubizo ekyo ekirungi eky'obulamu obulungi n'amaanyi. Kikkirize, ayi Mukama. Era byonna tubiwaayo gy'Oli, mu Linnya ly'Omwana Wo omwagalwa, Omulokozi waffe Yesu Kristo. Amiina.

171 Ekibiina, eri Oyo atumanyi fenna, eri Oyo eyatuzuukiza okufuuka obusika Bwe mu nsi, mu kkanisa Ye, nsaba emikisa gya Katonda gibeere ku mmwe mwenna okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana. Olukuŋŋaana lwaffe oluddako, kye mmanyi, lujja kubeera ku kkuŋŋaaniro, ku Ssande ku makya, ku makya ga Ssande ya Paasika. Oluvannyuma ŋŋende mu . . . mu Illinois bwe lunaaba luwedde. Abawe omukisa, mukuŋŋaane mu makanisa gammwe, mugende mukuŋŋaane mu makanisa gano amalungi, emitima gyammwe gibeere bumu. Munywerere ku Kigambo kya Katonda! Mubeerewo ku Lulwe, kubanga waliwo ebintu ebitiisa ebiri mu maaso gammwe, ekyo mukijjukire!

172 Okutuusa lwe tulisisinkana, leka tuyimirire tuyimbe:

> Mmwagala, mmwagala
> Kubanga Ye yasooka okunjagala
> Era n'asasulira obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

173 Kati, n'obuwombeefu, baako omuntu gw'okwatako mu ngalo ali emabega wo, mu maaso, ne ku mabbali go.

> Mmwagala . . .

Kaakano buli omu.

> . . . Mmwagala
> Kubanga Ye yasooka okunjagala
> Era n'asasulira obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

174 Kaakano nga emikono gyammwe mugiyimusizza eri Katonda, tuluyimbire waggulu ddala, leka buli omu ayimbe n'eddoboozi ery'omwanguka.

> Mmwagala, mmwagala
> Kubanga Ye yasooka okunjagala
> Era n'asasulira obulokozi bwange
> Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

175 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe.

> Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
> Okutuusa lwe tulisisinkanira ku bigere bya Yesu;

Mujjukire nti, bangi ku ffe tetuliddamu kusisinkana okutuusa lwe tulisisinkana ku mulundi guli.

> Okutuusa lwe tulisisinkana! okutuusa lwe tulisisinkana!
> Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana!

176 Kaakano leka tulumuumuunye. Omusumba wammwe. Ow'oluganda Sullivan, okutuusa lwe tulisisinkana, muganda wange.

61-0319 Eddiini Ya Yezeberi
mu National Guard Armory
e Middletown, Ohio Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org